

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
Abaruumi 1	Romans 1
1:1 Pawulo, omuddu wa Yesu Kristo, eyayitibwa okuba omutume, eyayawulirwa enjiri ya Katonda,	1:1 Paul, a servant of Jesus Christ, called to be an apostle, separated unto the gospel of God,
1:2 gye yasuubiriza edda mu bannabbi be mu byawandii kibwa ebitukuvu,	1:2 (Which he had promised afore by his prophets in the holy scriptures,)
1:3 ebigambo ebyogera ku Mwana we, eyazaalibwa mu zzadde lya Dawudi mu mubiri,	1:3 Concerning his Son Jesus Christ our Lord, which was made of the seed of David according to the flesh;
1:4 eyalagibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi, mu mwoyo gw'obutukuvu, olw'okuzuukira kw'abafu, Yesu Kristo Mukama waffe,	1:4 And declared to be the Son of God with power, according to the spirit of holiness, by the resurrection from the dead:
1:5 eyatuweesa ekisa n'obutume olw'okuwulira okuva mu kukkiriza mu mawanga gonna, olw'erinnya lye;	1:5 By whom we have received grace and apostleship, for obedience to the faith among all nations, for his name:
1:6 era nammwe muli mu bo, abayitibwa okuba aba Yesu Kristo:	1:6 Among whom are ye also the called of Jesus Christ:
1:7 eri bonna abali mu Ruumi, abaagalwa Katonda, abayitibwa okuba abatukuvu: ekisa kibe nammwe n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo.	1:7 To all that be in Rome, beloved of God, called to be saints: Grace to you and peace from God our Father, and the Lord Jesus Christ.
1:8 Okusooka, nneebaza Katonda wange ku bwa Yesu Kristo ku lwammwe mwenna, kubanga okukkiriza kwammwe kubuulirwa mu nsi zonna.	1:8 First, I thank my God through Jesus Christ for you all, that your faith is spoken of throughout the whole world.
1:9 Kubanga Katonda ye mujulirwa wange, gwe mpeerereza mu mwoyo gwange mu njiri y'Omwana we, bwe ajogera ku mmwe obutamala,	1:9 For God is my witness, whom I serve with my spirit in the gospel of his Son, that without ceasing I make mention of you always in my prayers;
1:10 nga nneegayirira bulijjo mu busaba bwange ndyoke ntambuzibwe buluagi ne baakano, Katonda bw'ayagala, okujja gye muli.	1:10 Making request, if by any means now at length I might have a prosperous journey by the will of God to come unto you.
1:11 Kubanga mbalumirwa okubalaba, ndyoke mbawe ku kirabo eky'omwoyo, mulyoke munywezebwe:	1:11 For I long to see you, that I may impart unto you some spiritual gift, to the end ye may be established;
1:12 kwe kusanyukagana awamu nammwe olw'okukkiriza kwammwe n'okwange.	1:12 That is, that I may be comforted together with you by the mutual faith both of you and me.

1:3 Era, ab'oluganda, saagala muleme kumanya ng'emirundi mingi nalwoozanga okujja gye muli (ne nziyizibwanga okutuusa kaakano), era ndyoke mbeereko n'ebibala mu mmwe, era nga mu mawanga amalala.	1:13 Now I would not have you ignorant, brethren, that oftentimes I purposed to come unto you, (but was let hitherto,) that I might have some fruit among you also, even as among other Gentiles.
1:14 Abayonaani era ne bannaggwanga, ab'amagezi era n'abasirusiru, bammanja.	1:14 I am debtor both to the Greeks, and to the Barbarians; both to the wise, and to the unwise.
1:15 Era kyenva njagala okubabuulira enjiri nammwe abali mu Ruumi nga bwe nnyinza.	1:15 So, as much as in me is, I am ready to preach the gospel to you that are at Rome also.
1:16 Kubanga enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda olw'okulokola eri buli akkiriza okusookera Muyudaaya era n'eri Omuyomaani.	1:16 For I am not ashamed of the gospel of Christ: for it is the power of God unto salvation to every one that believeth; to the Jew first, and also to the Greek.
1:17 Kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa obuva mu kukkiriza okutuusa mu kukkiriza: nga bwe kyawandiikibwa nti Naye omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza.	1:17 For therein is the righteousness of God revealed from faith to faith: as it is written, The just shall live by faith.
1:18 Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibwa okuva mu ggulu ku butatya Katonda bwonna n'obutaba na butuukirivu obw'abantu abaziyiza amazima mu butaba na butuukirivu;	1:18 For the wrath of God is revealed from heaven against all ungodliness and unrighteousness of men, who hold the truth in unrighteousness;
1:19 kubanga ebya Katonda ebimanyika birabika eri bo: kubanga Katonda yabibalabisa.	1:19 Because that which may be known of God is manifest in them; for God hath shewed it unto them.
1:20 Kubanga bibye ebitalabika okuva ku kutonda ensi birabikira ddala nga bitegeererwa ku bitonde, obuyinza bwe obutaggwaawo n'obwakatonda bwe; babeere nga tebalina kya kuwoza:	1:20 For the invisible things of him from the creation of the world are clearly seen, being understood by the things that are made, even his eternal power and Godhead; so that they are without excuse:
1:21 kubanga, bwe baamanya Katonda, ne batamugulumizanga nga Katonda newakubadde okumwebazanga, naye ne bagobereranga ebitaliimu mu mpaka zaabwe, omutima gwabwe omusirusiru ne guzikirizibwa.	1:21 Because that, when they knew God, they glorified him not as God, neither were thankful; but became vain in their imaginations, and their foolish heart was darkened.
1:22 Bwe beeyita ab'amagezi, so nga baasiruwala,	1:22 Professing themselves to be wise, they became fools,
1:23 ne bawaanyisa ekitiibwa kya Katonda ataggwaawo okufaanana ekifaananyi ky'omuntu aggwawaawo, n'eky'ebibuuka n'eky'ebirina amagulu ana n'eky'ebiyewalula.	1:23 And changed the glory of the uncorruptible God into an image made like to corruptible man, and to birds, and fourfooted beasts, and creeping things.

1:24 Katonda kyeyava abawaayo eri obugwagwa mu kwegomba kw'emitima gyabwe, okwonoona ekitiibwa ky'emibiri gyabwe bokka na bokka:	1:24 Wherefore God also gave them up to uncleanness through the lusts of their own hearts, to dishonour their own bodies between themselves:
1:25 kubanga amazima ga Katonda baagawaanyisaamu obulimba, ne basinzanga ne baweerezanga ekitonde okusinga Omutonzi, eyeebazibwa emirembe n'emirembe, Amiina.	1:25 Who changed the truth of God into a lie, and worshipped and served the creature more than the Creator, who is blessed for ever. Amen.
1:26 Katonda kyeyava abawaaye eri okukwatibwa okw'ensonyi: kubanga abakazi baabwe baawaanyisa ekikolwa kyabwe eky'obuzaaliranwa ne balufuula ekitali kya buzaaliranwa:	1:26 For this cause God gave them up unto vile affections: for even their women did change the natural use into that which is against nature:
1:27 era n'abasajja bwe batyo, bwe baaleka ekikolwa eky'omukazi eky'obuzaaliranwa, ne baakanga mu kwegomba kwabwe bokka na bokka, abasajja n'abasajja nga bakolagananga ebitasaana, era nga baweewwanga mu bo bokka empeera eyo eyasaanira okwonoona kwabwe.	1:27 And likewise also the men, leaving the natural use of the woman, burned in their lust one toward another; men with men working that which is unseemly, and receiving in themselves that recompence of their error which was meet.
1:28 Era nga bwe batakkiriza kubeera ne Katonda mu magezi gaabwe, Katonda yabawaayo eri omwoyo ogutakkirizibwa, okukolanga ebitasaana;	1:28 And even as they did not like to retain God in their knowledge, God gave them over to a reprobate mind, to do those things which are not convenient;
1:29 nga bajjudde obutaba na butuukirivu bwonna, obubi, okwegomba, ettima; nga bajjudde obuggya, obussi, okuyomba, obukuusa, enge; abageya,	1:29 Being filled with all unrighteousness, fornication, wickedness, covetousness, maliciousness; full of envy, murder, debate, deceit, malignity; whisperers,
1:30 abalyolyoma, abakyawa Katonda, ab'ekyejo, ab'annalala, abeenvumiriza, abayiyi ebigambo ebibi, abatawulira bazadde baabwe,	1:30 Backbiters, haters of God, despiteful, proud, boasters, inventors of evil things, disobedient to parents,
1:31 abatalina magezi, abaleka endagaano, abataagalana, abatalina kusaasira:	1:31 Without understanding, covenantbreakers, without natural affection, implacable, unmerciful:
1:32 abamanya omusango gwa Katonda, nti abakola ebyo basaanidde kufa, tebabikola bukozi, era naye basiima ababikola.	1:32 Who knowing the judgment of God, that they which commit such things are worthy of death, not only do the same, but have pleasure in them that do them.
Abaruumi 2	Romans 2
2:1 Kyova olema okube a n'eky'okuwoza, ggwe buli muntu anenya: kubanga ky'anenya munno, weenenyeza ddala wekka; kubanga ggwe anenya okola ebyo. 2:2 Era tumanyi ng'okunenya kwa Katonda nga kwa mazima ku abo abakola bwe batyo.	2:1 Therefore thou art inexcusable, O man, whosoever thou art that judgest: for wherein thou judgest another, thou condemnest thyself; for thou that judgest doest the same things.

2:2 Era tumanyi ng'okunenywa kwa Katonda nga kwa mazima ku abo abakola bwe batyo.	2:2 But we are sure that the judgment of God is according to truth against them which commit such things.
2:3 Ggwe omuntu, anenya abakola bwe batyo naawe n'okola ebyo, olowooza ng'olirokoka: mu kunenya kwa Katonda?	2:3 And thinkest thou this, O man, that judgest them which do such things, and doest the same, that thou shalt escape the judgment of God?
2:4 Oba onyoomye obugagga bw'obulungi bwe n'obuwombeefu n'okugumiikiriza, nga tomanyi ng'obulungi bwa Katonda bukuleeta mu kwenenya?	2:4 Or despisest thou the riches of his goodness and forbearance and longsuffering; not knowing that the goodness of God leadeth thee to repentance?
2:5 Naye nga bw'olina obukakanyavu n'omutima oguteenenya, weeterekera obusungu obuliba ku lunaku olw'obusungu omusango ogw'ensonga gwa Katonda kwe gulibikkukira;	2:5 But after thy hardness and impenitent heart treasurest up unto thyself wrath against the day of wrath and revelation of the righteous judgment of God;
2:6 alisasula buli muntu ng'ebikolwa bye bwe byali:	2:6 Who will render to every man according to his deeds:
2:7 abanoonya ekitiibwa n'ettendo n'obutaggwaawo mu kugumiikiriza nga bakola bulungi. Alibasasula obulamu obutaggwaawo:	2:7 To them who by patient continuance in well doing seek for glory and honour and immortality, eternal life:
2:8 naye ku abo abayomba n'abatawulira mazima, naye bawulira obutali butuukirivu kulibeera obusungu n'obukambwe,	2:8 But unto them that are contentious, and do not obey the truth, but obey unrighteousness, indignation and wrath,
2:9 okubonyaabonyezebwa n'okulumizibwa ku buli bulamu bw'omuntu akola obubi, okusookera ku Muyudaaya era ne ku Muyonaani:	2:9 Tribulation and anguish, upon every soul of man that doeth evil, of the Jew first, and also of the Gentile;
2:10 naye elutiibwa n'ettendo n'emirembe ki buli akola obulungi, okusookera ki Muyudaaya era ne ku Muyonaani	2:10 But glory, honour, and peace, to every man that worketh good, to the Jew first, and also to the Gentile:
2:11 kubanga Katonda tasosola mi bantu.	2:11 For there is no respect of persons with God.
2:12 Kubanga bonna abaayoonanga awatali mateeka, era balibula awatali mateeka: era bonna abaayoonanga nga balina amateeka, balisalirwa omusango n'amateeka;	2:12 For as many as have sinned without law shall also perish without law: and as many as have sinned in the law shall be judged by the law;
2:13 kubanga abawulira obu wulizi amateeka si be batuukirivu eri Katonda, naye abakola eby'ama teeka be baliweebwa obutuukirivu	2:13 (For not the hearers of the law are just before God, but the doers of the law shall be justified.
2:14 kubanga ab'amawanga abatalin, mateeka bwe bakola mu buzaalira nwa eby'amateeka, abo, bwe bataba na mateeka, beebeerera amateeka bokka:	2:14 For when the Gentiles, which have not the law, do by nature the things contained in the law, these, having not the law, are a law unto themselves:

<p>2:15 kubanga balaga omulimi gw'amateeka nga gwawandiikibwa; mu mitima gyabwe, omwoyo gwa bwe nga gutegeeza wamu, n'ebiro woozo byabwe nga biroopagana oba nga biwozagana byokka na byokka</p>	<p>2:15 Which shew the work of the law written in their hearts, their conscience also bearing witness, and their thoughts the mean while accusing or else excusing one another;)</p>
<p>2:16 ku lunaku Katonda kw'alisalira omusango gw'ebiyama by'abantu ng'enjiri yange bw'eri, ku bwa Yes, Kristo.</p>	<p>2:16 In the day when God shall judge the secrets of men by Jesus Christ according to my gospel.</p>
<p>2:17 Naye ggwe bw'oyitibwa Omuyudaaya, ne weesigama ku mateeka ne weenyumiririza mu Katonda</p>	<p>2:17 Behold, thou art called a Jew, and restest in the law, and makest thy boast of God,</p>
<p>2:18 n'omanya by'ayagala, n'osiima ebisinga obulungi, ng'oyigirizibwa mu mateeka,</p>	<p>2:18 And knowest his will, and approvest the things that are more excellent, being instructed out of the law;</p>
<p>2:19 ne weetegeera ggwe okubeera omusaale w'abaziba b'amaaso, omusana gw'abali mu kizikiza,</p>	<p>2:19 And art confident that thou thyself art a guide of the blind, a light of them which are in darkness,</p>
<p>2:20 omulagirizi w'abatalina magezi, omuyigiriza w'abaana abato ng'olina ekyokulabirako eky'amagezi n'eky'amazima mu mateeka</p>	<p>2:20 An instructor of the foolish, a teacher of babes, which hast the form of knowledge and of the truth in the law.</p>
<p>2:21 kale ggwe ayigiriza omulala teweyigiriza wekka? abuulira obutabbanga, obba?</p>	<p>2:21 Thou therefore which teachest another, teachest thou not thyself? thou that preachest a man should not steal, dost thou steal?</p>
<p>2:22 ayogera obutayendanga, oyenda? akyawa ebifaananyi, obba eby'omu biggwa</p>	<p>2:22 Thou that sayest a man should not commit adultery, dost thou commit adultery? thou that abhorrest idols, dost thou commit sacrilege?</p>
<p>2:23 eyeenyumiririza mu mateeka olw'okusobyama mateeka oswaza Katonda?</p>	<p>2:23 Thou that makest thy boast of the law, through breaking the law dishonourest thou God?</p>
<p>2:24 Kubanga erinnya lya Katonda liwoolebwa mu b'amawanga ku lwammwe, nga bwe kyawandiikibwa.</p>	<p>2:24 For the name of God is blasphemed among the Gentiles through you, as it is written.</p>
<p>2:25 Kubanga okukomolebwa kugasa bw'okwata amateeka: naye bw'oba omusobya w'amateeka okukomolebwa kwo kufuuse butakomolebwa.</p>	<p>2:25 For circumcision verily profiteth, if thou keep the law: but if thou be a breaker of the law, thy circumcision is made uncircumcision.</p>
<p>2:26 Kale atali mukomole bw'akwata ebiragiro ebiri mumateeka, obutakomolebwa bwe tebulibalibwa kuba kukomolebwa?</p>	<p>2:26 Therefore if the uncircumcision keep the righteousness of the law, shall not his uncircumcision be counted for circumcision?</p>
<p>2:27 era atali mukomole mu buzaaliranwa, bw'atuukiriza amateeka, alikusalira musango ggwe, omusobya w'amateeka, ng'olina ennunta n'okukamolebwa?</p>	<p>2:27 And shall not uncircumcision which is by nature, if it fulfil the law, judge thee, who by the letter and circumcision dost transgress the law?</p>

2:28 Kubanga Omuyudaaya ow'okungulu si ye Muyudaaya; so n'okukomolebwa w'omubiri okw'okungulu si kwe kukomolebwa:	2:28 For he is not a Jew, which is one outwardly; neither is that circumcision, which is outward in the flesh:
2:29 naye Omuyudaaya ow'omunda ye Muyudaaya; n'okukomolebwa kwe kw'omutima, mu mwoyo, si mu nnukuta; atatenderezebwa bantu, wabula Katonda.	2:29 But he is a Jew, which is one inwardly; and circumcision is that of the heart, in the spirit, and not in the letter; whose praise is not of men, but of God.
Abaruumi 3	Romans 3
3:1 Kale Omuyudaaya asinga atya? oba n'okukomolebwa kugasa ki?	3:1 What advantage then hath the Jew? or what profit is there of circumcision?
3:2 Kubanga nnyo mu bigambo byonna: eky'olubereberye kubanga bateresebwa Katonda bye yayogera.	3:2 Much every way: chiefly, because that unto them were committed the oracles of God.
3:3 Kubanga kiba ki abamu bwe ataba na kukkiriza, obutakkiriza bwabwe buliggyawo obwesigwa bwa Katonda?	3 For what if some did not believe? shall their unbelief make the faith of God without effect?
3:4 Kitalo: nedda, Katonda abeerenga wa mazima, naye buli muntu abeerenga mulimba; nga bwe kyawandiikibwa nti Obeere n'obutuukirivu mu bigambo byo, Osinge bw'osalirwa omusango.	3:4 God forbid: yea, let God be true, but every man a liar; as it is written, That thou mightest be justified in thy sayings, and mightest overcome when thou art judged.
3:5 Naye obutali butuukirivu bwaffe we butenderezesa obutuukirivu bwa Katonda, tunaayogera tutya? Katonda talina butuukirivu aleeta busungu? (Njogera mu buntu.)	3:5 But if our unrighteousness commend the righteousness of God, what shall we say? Is God unrighteous who taketh vengeance? (I speak as a man)
3:6 Kitalo: kubanga, (bwe kiba bwe kityo), Katonda alisalira atya ensi omusango?	3:6 God forbid: for then how shall God judge the world?
3:7 Naye amazima ga Katonda bwe geeyongera okulabika olw'obulimba bwange ye n'aweewba kitiibwa, nze kiki ekinsaliza omuaago nate ng'omwonoonyi	3:7 For if the truth of God hath more abounded through my lie unto his glory; why yet am I also judged as a sinner?
3:8 era kiki ekitulobera okwogera (nga bwe uwaayirizibwa, era ng'abamu bwe boogera nti tugamba) nti Tukolenga ebibi, ebirungi biryoke bijje? abo okusalirwa omusango kwa nsonga.	3:8 And not rather, (as we be slanderously reported, and as some affirm that we say,) Let us do evil, that good may come? whose damnation is just.
3:9 Kale kiki? ffe zisanze okusinga bo? Nedda n'akatonu: kubanga tusoose okuwawaabira Abayudaaya na n'Abayonaani nti bonna bafugibwa kibi;	3:9 What then? are we better than they? No, in no wise: for we have before proved both Jews and Gentiles, that they are all under sin;
3:10 nga bwe kyawandiikibwa nti Tewali mutuukirivu n'omu;	3:10 As it is written, There is none righteous, no, not one:
3:11 Tewali ategeera, Tewali anoonya Katonda;	3:11 There is none that understandeth, there is none that seeketh after God.

3:12 Bonna baakyama, baafuuka bata. saana wamu; Tewali akola obulungi, tewali n'omu;	3:12 They are all gone out of the way, they are together become unprofitable; there is none that doeth good, no, not one.
3:13 Omumiro gwabwe ye ntaana eyasaamiridde; Balimba n'ennimi zaabwe; Obusagwa bw'embalasaasa buli wansi w'emimwa gyabwe;	3:13 Their throat is an open sepulchre; with their tongues they have used deceit; the poison of asps is under their lips:
3:14 Akamwa kaabwe kajjudde okukolima n'okukaawa:	3:14 Whose mouth is full of cursing and bitterness:
3:15 Ebigere byabwe byanguwa okuyiwa omusaayi;	3:15 Their feet are swift to shed blood:
3:16 Okuzikirira n'obunaku biri mu makubo gaabwe;	3:16 Destruction and misery are in their ways:
3:17 So tebamanyanga kkubo lya mirembe:	3:17 And the way of peace have they not known:
3:18 Tewali kutya Katonda mu maaso gaabwe.	3:18 There is no fear of God before their eyes.
3:19 Naye tumanyi nga byonna amateeka bye googera, gagamba abo abalina amateeka; buli kamwa konna kazibibwe, n'ensi zonna zibeereko omusango eri Katonda:	3:19 Now we know that what things soever the law saith, it saith to them who are under the law: that every mouth may be stopped, and all the world may become guilty before God.
3:20 kubanga olw'ebikolwa by'amateeka alina omubiri yenna taliweebwa butuukirivu mu maaso ge: kubanga amateeka ge gamanyisa ekibi.	3:20 Therefore by the deeds of the law there shall no flesh be justified in his sight: for by the law is the knowledge of sin.
3:21 Naye kaakano awatali mateeka obutuukirivu bwa Katonda, obutegeezebwa amateeka ne bannabbi, bulabisibwa;	3:21 But now the righteousness of God without the law is manifested, being witnessed by the law and the prophets;
3:22 bwe butuukirivu bwa Katonda olw'okukkiriza Yesu Kristo eri bonna abakkiriza; kubanga tewali njawulo;	3:22 Even the righteousness of God which is by faith of Jesus Christ unto all and upon all them that believe: for there is no difference:
3:23 kubanga bonna baayonoona, ne bataruuka ku kitiibwa kya Katonda;	3:23 For all have sinned, and come short of the glory of God;
3:24 naye baweebwa obutuukirivu bwa buwa lwa kisa kye olw'okuaunulibwa okuli mu Kristo Yesu:	3:24 Being justified freely by his grace through the redemption that is in Christ Jesus:
3:25 Katonda gwe yassaawo okuba omutango, olw'okukkiriza omusaayi gwe, okulaga obutuukirivu bwe, olw'okuleka ebibi ebyakolebwanga edda, Katonda ng'agumiikiriza;	3:25 Whom God hath set forth to be a propitiation through faith in his blood, to declare his righteousness for the remission of sins that are past, through the forbearance of God;
3:26 okulaga obutuukirivu bwe mu biro bino: alyoke abeere omutuukirivu era ng'awa obutuukirivu akkiriza Yesu.	3:26 To declare, I say, at this time his righteousness: that he might be just, and the justifier of him which believeth in Jesus.

3:27 Kale okwenyumiriza kuli luuyi wa? Kwaziyizibwa. Kwaziyizibwa n'amateeka gafaanana gaty'a? ga bikolwa? Nedda: naye n'amateeka ga kukkiriza.	3:27 Where is boasting then? It is excluded. By what law? of works? Nay: but by the law of faith.
3:28 Kyetuva tubala ng'omuntu aweebwa obutuukirivu lwa kukkiriza awatali bikolwa bya mu mateeka.	3:28 Therefore we conclude that a man is justified by faith without the deeds of the law.
3:29 Oba Katonda, Katonda wa Bayudaaya? era si Katonda wa ba mawanga? Weewaawo, era wa ba mawanga:	3:29 Is he the God of the Jews only? is he not also of the Gentiles? Yes, of the Gentiles also:
3:30 oba nga Katonda ali omu, aliwa obutuukirivu abakomole olw'okukkiriza, n'abatali bakomole olw'okukkiriza.	3:30 Seeing it is one God, which shall justify the circumcision by faith, and uncircumcision through faith.
3:31 Kale amateeka tuga ggyawo olw'okukkiriza? Kitalo: nedda, tuganyweza bunyweza. Okusala omusango ogw'amazima	3:31 Do we then make void the law through faith? God forbid: yea, we establish the law.
Abaruumi 4	Romans 4
4:1 Kale kiki kye tunaayogera Ibulayimu jjajaffe mu mubiri kye yalaba.	4:1 What shall we say then that Abraham our father, as pertaining to the flesh, hath found?
4:2 Kubanga Ibulayimu singa yaweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa, singa alina ekimwenyumirizisa; naye talina mu maaso ga Katonda.	4:2 For if Abraham were justified by works, he hath whereof to glory; but not before God.
4:3 Kubanga ebyawandiikibwa byogera bitya? Ibulayimu n'akkiriza Katonda, ne kumubalirwa okuba obutuukirivu.	4:3 For what saith the scripture? Abraham believed God, and it was counted unto him for righteousness.
4:4 Kale, omukozi empeera ye temubalirwa lwa kisa, naye ng'ebbanja.	4:4 Now to him that worketh is the reward not reckoned of grace, but of debt.
4:5 Naye atakola, kyokka n'akkiriza oyo awa obutuukirivu abataty'a Katonda, okukkiriza kwe kumubalirwa okuba obutuukirivu.	4:5 But to him that worketh not, but believeth on him that justifieth the ungodly, his faith is counted for righteousness.
4:6 Era nga Dawudi bw'ayogera omukisa gw'omuntu, Katonda gw'abalira obutuukirivu awatali bikolwa, nti	4:6 Even as David also describeth the blessedness of the man, unto whom God imputeth righteousness without works,
4:7 Baweereddwa omukisa abaggibwako ebyonoono byabwe, Ebibi byabwe byabikkibwako.	4:7 Saying, Blessed are they whose iniquities are forgiven, and whose sins are covered.
4:8 Aweereddwa omukisa omuntu Mukama gw'atalibalira kibi.	4:8 Blessed is the man to whom the Lord will not impute sin.
4:9 Kale omukisa ogwo guli ku bakomole bokka, oba nantiki ku abo abatali bakomole? Kubanga tugambye nti okukkiriza kwe kwabalirwa Ibulayimu okuba obutuukirivu.	4:9 Cometh this blessedness then upon the circumcision only, or upon the uncircumcision also? for we say that faith was reckoned to Abraham for righteousness.

4:10 Kale kwabalwa kutya? bwe yali ng'akomoleddwa, nantiki bwe yali nga tannakomolebwa? si bwe yali ng'akomoleddwa, naye nga tannakomolebwa:	4:10 How was it then reckoned? when he was in circumcision, or in uncircumcision? Not in circumcision, but in uncircumcision.
4:11 n'aweabwa ekyokulabirako eky'okukomolebwa, akabonero k'obutuukirivu obw'okukkiriza kwe yalina nga tannakomolebwa: alyoke abeerenga jjajjaabwe bonna abakkiriza nga si bakomole, babalirwenga obutuukirivu;	4:11 And he received the sign of circumcision, a seal of the righteousness of the faith which he had yet being uncircumcised: that he might be the father of all them that believe, though they be not circumcised; that righteousness might be imputed unto them also:
4:12 era ne jjajja w'abakomole, so si w'abo abakomole obukomozi, naye, abatambulira mu bigere by'okukkiriza kwa jjajjaffe Ibulayimu kwe yalina nga tannakomolebwa.	4:12 And the father of circumcision to them who are not of the circumcision only, but who also walk in the steps of that faith of our father Abraham, which he had being yet uncircumcised.
4:13 Kubanga okusuubiza tekwaweerwa Ibulayimu newakubadde ezzadde lye mu mateeka, nti alibeera musika wa nsi zonna, wabula mu butuukirivu abw'okukkiriza.	4:13 For the promise, that he should be the heir of the world, was not to Abraham, or to his seed, through the law, but through the righteousness of faith.
4:14 Kubanga ab'omu mateeka singa be basika, okukkiriza singa kudibye, era n'okusuubiza singa kuggiddwawo:	4:14 For if they which are of the law be heirs, faith is made void, and the promise made of none effect:
4:15 kubanga amateeka galeeta obusungu; naye awatali mateeka, era tewabaawo kwonoona.	4:15 Because the law worketh wrath: for where no law is, there is no transgression.
4:16 Kyekuva kuva mu kukkiriza, kulyoke kubeerenga kwa kisa, okusuubiza kulyoke kunywere eri ezzadde lyonna, si eri ab'omu mateeka bokka, naye era n'eri ab'omu kukkiriza kwa Ibulayimu, ye jjajjaffe fenna	4:16 Therefore it is of faith, that it might be by grace; to the end the promise might be sure to all the seed; not to that only which is of the law, but to that also which is of the faith of Abraham; who is the father of us all,
4:17 (nga bwe kyawandiikibwa nti Nkufudde jjajja w'amawanga amangi) mu maaso g'oyo gwe yakkiriza, ye Katonda, azuukiza abafu, era ayita ebitaliwo ngrebiriwo.	4:17 (As it is written, I have made thee a father of many nations,) before him whom he believed, even God, who quickeneth the dead, and calleth those things which be not as though they were.
4:18 Eyakkiriza mu ssuubi awatasuubirikika, alyoke abeerenga jjajja w'amawanga amangi, nga bwe kyayogerwa nti Ezzadde lyo liriba bwe lityo.	4:18 Who against hope believed in hope, that he might become the father of many nations, according to that which was spoken, So shall thy seed be.
4:19 N'atanafuwa mu kukkiriza bwe yaloozoza omubiri gwe ye nga gufudde (nga yaakamala emyaka nga kikumi), n'olubuto lwa Saala nga lufudde:	4:19 And being not weak in faith, he considered not his own body now dead, when he was about an hundred years old, neither yet the deadness of Sarah's womb:
4:20 naye mu kusuubiza kwa Katonda teyabuusabuusa mu butakkiriza, naye n'afuna amaanyi olw'okukkiriza, ng'agulumiza Katonda,	4:20 He staggered not at the promise of God through unbelief; but was strong in faith, giving glory to God;

4:21 era ng'ategeerera ddala nga bye yasuubiza era ayinza n'okubikola.	4:21 And being fully persuaded that, what he had promised, he was able also to perform.
4:22 Era kyekwava kumubalirwa okuba obu tuukirivu.	4:22 And therefore it was imputed to him for righteousness.
4:23 Naye tekyawandiikibwa ku lulwe yekka nti kwamubalirwa;	4:23 Now it was not written for his sake alone, that it was imputed to him;
4:24 naye era ne ku lwaffe, abagenda okubalirwa, abakkiriza oyo eyazuukiza Yesu Mukama waffe mu bafu,	4:24 But for us also, to whom it shall be imputed, if we believe on him that raised up Jesus our Lord from the dead;
4:25 eyaweebwayo olw'ebyonoono byaffe n'azuukira olw'okutuweesa obutuukirivu.	4:25 Who was delivered for our offences, and was raised again for our justification.
Abaruumi 5	Romans 5
5:1 Kale bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza, tubeerenga n'emirembe eri Katonda ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo,	5:1 Therefore being justified by faith, we have peace with God through our Lord Jesus Christ:
5:2 era eyatuweesa olw'okukkiriza okutuuka mu kisa kino kye tuyimiridemu; era twenyumirizenga olw'okusuubira ekitiibwa kya Katonda.	5:2 By whom also we have access by faith into this grace wherein we stand, and rejoice in hope of the glory of God.
5:3 So si ekyo kyokka, era naye twenyumirizenga mu kubonaabona kwaffe, nga tumanyi ng'okubonaabona kuleeta Okugumiikiriza;	5:3 And not only so, but we glory in tribulations also: knowing that tribulation worketh patience;
5:4 nate okugumiikinza kuleeta okukemebwa nate okukemebwa kuleeta okusuubira:	5:4 And patience, experience; and experience, hope:
5:5 nate okusuubira tekukwasa nsonyi, kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, ku bw'Omwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa.	5:5 And hope maketh not ashamed; because the love of God is shed abroad in our hearts by the Holy Ghost which is given unto us.
5:6 Kubanga bwe twali nga tukyali banafu, mu ntuuko ze Kristo yafiirira abatatya Katonda.	5:6 For when we were yet without strength, in due time Christ died for the ungodly.
5:7 Kubanga kizibu omuntu okufiirira omutuukirivu; kubanga omulungi mpozzi omuntu aguma n'okumufiirira.	5:7 For scarcely for a righteous man will one die: yet peradventure for a good man some would even dare to die.
5:8 Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira.	5:8 But God commendeth his love toward us, in that, while we were yet sinners, Christ died for us.
5:9 Kale okusinga ennyo kaakano bwe twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe.	5:9 Much more then, being now justified by his blood, we shall be saved from wrath through him.

<p>5:10 Kuba obanga bwe twali tukyali balabe, twatabaganyizibwa ne Katonda olw'okufa kw'Omwana we, okusinga ennyo bwe twatabaganyizibwa tulirokoka olw'obulamu bwe;</p>	<p>5:10 For if, when we were enemies, we were reconciled to God by the death of his Son, much more, being reconciled, we shall be saved by his life.</p>
<p>5:11 so si ekyo kyokka, era naye nga twenyumiririza mu Katonda ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo, atuweesezza kaakano okutabagana.</p>	<p>5:11 And not only so, but we also joy in God through our Lord Jesus Christ, by whom we have now received the atonement.</p>
<p>5:12 Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna kubanga bonna baayonoona:</p>	<p>5:12 Wherefore, as by one man sin entered into the world, and death by sin; and so death passed upon all men, for that all have sinned:</p>
<p>5:13 kubanga okutuusa ku mateeka ekibi kyali mu nsi: naye ekibi tekibalibwa, awataba mateeka.</p>	<p>5:13 (For until the law sin was in the world: but sin is not imputed when there is no law.</p>
<p>5:14 Naye okufa kwafuga okuva ku Adamu okutuusa ku Musa, era ne ku abo abataasobya ng'engeri ey'okwonoona kwa Adamu, ye kye kifaananyi ky'oyo agenda okujja.</p>	<p>5:14 Nevertheless death reigned from Adam to Moses, even over them that had not sinned after the similitude of Adam's transgression, who is the figure of him that was to come.</p>
<p>5:15 Naye ng'okwonoona kuli bwe kwali, era n'ekirabo tekyali bwe kityo. Kuba obanga olw'okwonoona kw'omu abaafa bangi, okusinga ennyo ekisa kya Katonda n'ekirabo olw'ekisa ky'omuntu oli omu Yesu Kristo kyasukkirira okubuna abangi.</p>	<p>5:15 But not as the offence, so also is the free gift. For if through the offence of one many be dead, much more the grace of God, and the gift by grace, which is by one man, Jesus Christ, hath abounded unto many.</p>
<p>5:16 Era nga bwe kwajja ku bw'omu eyayonoona, ekirabo tekyali bwe kityo: kubanga omusango gwava ku omu okusinga, naye ekirabo ne kiva mu byonoona ebingi okuweesa obutuukirivu.</p>	<p>5:16 And not as it was by one that sinned, so is the gift: for the judgment was by one to condemnation, but the free gift is of many offences unto justification.</p>
<p>5:17 Kuba obanga olw'okwonoona kw'omu okufa kwafuga ku bw'omu, okusinga ennyo abo abaweabwa ekisa ekisukkirivu n'ekirabo eky'obutuukirivu balifigira mu bulamu ku bw'oyo omu Yesu Kristo.</p>	<p>5:17 For if by one man's offence death reigned by one; much more they which receive abundance of grace and of the gift of righteousness shall reign in life by one, Jesus Christ.)</p>
<p>5:18 Kale bwe kityo ng'olw'okwonoona kw'omu omisango bwe gwasinga abantu bonna bwe kityo n'olw'obutuukirivu bw'omu ekirabo kyali ku bantu bonna okuweesa obutuukirivu bw'obulamu</p>	<p>5:18 Therefore as by the offence of one judgment came upon all men to condemnation; even so by the righteousness of one the free gift came upon all men unto justification of life.</p>
<p>5:19 Kuba ng'olw'obutawulira bw'omuntu omu oli abangi bwe baafut ka ababi, bwe kityo n'olw'okuwulira kw'oyo omu abangi balifuuka abatuukirivu.</p>	<p>5:19 For as by one man's disobedience many were made sinners, so by the obedience of one shall many be made righteous.</p>

5:20 Era n'amateeka ne gayingira, okwonoona kusukkirire; naye ekibi bwe kyasukkirira ekisa ne kisinga okusukkirira	5:20 Moreover the law entered, that the offence might abound. But where sin abounded, grace did much more abound:
5:21 ng'ekibi bwe kyafugira mu kifa era n'ekisa bwe kityo kiryoke kifuga olw'obutuukirivu okuweesa obulamu obutaggwaawo, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe. Okufa ku kibi, obulamu mu Katonda	5:21 That as sin hath reigned unto death, even so might grace reign through righteousness unto eternal life by Jesus Christ our Lord.
Abaruumi 6	Romans 6
6:1 Kale tunaayogeza tutya? Tunyiikirenga okukola ekibi ekisa kyeyongerenga?	6:1 What shall we say then? Shall we continue in sin, that grace may abound?
6:2 Kitalo Abafa ku kibi, tunaabeeranga tutya abalamu mu kyo nate?	6:2 God forbid. How shall we, that are dead to sin, live any longer therein?
6:3 Oba temumanyi nga ffe fenna, abaabatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu nga twabatizibwa kuyingira mu kufa kwe?	6:3 Know ye not, that so many of us as were baptized into Jesus Christ were baptized into his death?
6:4 Kyetwava tuziikibwa awamu naye mu kubatizibwa okuyingira mu kufa: nga Kristo bwe yaztialazibwa mu bafu olw'ekitii bwa kya Kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulirenga mu bulamu obuggya.	6:4 Therefore we are buried with him by baptism into death: that like as Christ was raised up from the dead by the glory of the Father, even so we also should walk in newness of life.
6:5 Kuba obanga twagattibwa wamu naye mu kifaananyi ky'okufa kwe, era tuligattibwa ne m kifaananyi ky'okuzuukira kwe	6:5 For if we have been planted together in the likeness of his death, we shall be also in the likeness of his resurrection:
6:6 bwe tumanya kino ng'omuntu waffe ow'edda yakomererwa. wamu naye, omubiri gw'ekibi gulyoka guggibwewo, tuleme okubeeranga nate abaddu b'ekibi;	6:6 Knowing this, that our old man is crucified with him, that the body of sin might be destroyed, that henceforth we should not serve sin.
6:7 ubanga afa nga takyaliko musango eri ekibi.	6:7 For he that is dead is freed from sin.
6:8 Naye oba nga twafiira wamu ne Kristo, era tukkiriza nga tulibeera balamu wamu naye;	6:8 Now if we be dead with Christ, we believe that we shall also live with him:
6:9 bwe tumanyi nga Kristo yamala okuzuukizibwa mu bafu takyafa nate; okui tekukyamufuga.	6:9 Knowing that Christ being raised from the dead dieth no more; death hath no more dominion over him.
6:10 Kubanga okufa kwe yafa yafa ku kibi omulundi gumu: naye obulamu bw'alina, ali nabwo eri Katonda.	6:10 For in that he died, he died unto sin once: but in that he liveth, he liveth unto God.
6:11 Bwe mutyo nammwe mwerwoozenga okubeera abafa ku kibi, naye abalam eri Katonda mu Kristo Yesu.	6:11 Likewise reckon ye also yourselves to be dead indeed unto sin, but alive unto God through Jesus Christ our Lord.
6:12 Kale ekibi kiremenga okufuga nu mubiri gwammwe ogufa, okuvuliranga okwegomba kwagwo:	6:12 Let not sin therefore reign in your mortal body, that ye should obey it in the lusts thereof.

6:13 so temuwangayo bitundu byanmwe eri ekibi okubanga eby'okukoza obutali butuukirivu; aaye nwewengayo eri Katonda, ng'abaamu abaava mu bafu, n'ebitundu byammwe okubanga eby'okukoza butuukirivu eri Katonda.	6:13 Neither yield ye your members as instruments of unrighteousness unto sin: but yield yourselves unto God, as those that are alive from the dead, and your members as instruments of righteousness unto God.
6:14 Kubanga ekibi tekiibenga mukama wammwe; kubanga amateeka si ge gabafuga, wabula ekisa.	6:14 For sin shall not have dominion over you: for ye are not under the law, but under grace.
6:15 Kale tukole tutya? tukolenga kibi, kubanga amateeka si ge atufuga, wabula ekisa? Kitalo.	6:15 What then? shall we sin, because we are not under the law, but under grace? God forbid.
6:16 Temumanyi nga gwe mwewa okuba abaddu b'okuwulira, muli baddu b'oyo gwe muwulira, oba ab'ekibi okuleeta okufa, oba ab'okuwulira okuleeta obutuukirivu?	6:16 Know ye not, that to whom ye yield yourselves servants to obey, his servants ye are to whom ye obey; whether of sin unto death, or of obedience unto righteousness?
6:17 Naye Katonda yeebale, kubanga mwavanga baddu ba kibi, naye mwawulira mu mutima engeri eyo y'okuyigirizibwa gye mwaweebwa;	6:17 But God be thanked, that ye were the servants of sin, but ye have obeyed from the heart that form of doctrine which was delivered you.
6:18 kale bwe mwaweebwa eddembe kuva mu kibi, ne mufuuka abaddu bobutuukirivu.	6:18 Being then made free from sin, ye became the servants of righteousness.
6:19 Njogera mu buntu olw'obunafu bw'omubiri wammwe: kuba nga bwe mwawagayo ebitundu byammwe okuba baddu eri obugwagwa n'eri obujeemu okujeemanga, bwe mutyo kaakano muwengayo ebitundu byanmwe okubanga abaddu eri obuuukirivu okutukuzibwa.	6:19 I speak after the manner of men because of the infirmity of your flesh: for as ye have yielded your members servants to uncleanness and to iniquity unto iniquity; even so now yield your members servants to righteousness unto holiness.
6:20 Kubanga bwe mwabanga abaddu b'ekibi, mwabanga ba ddembe eri butuukirivu.	6:20 For when ye were the servants of sin, ye were free from righteousness.
6:21 Kale bibala ki bye mwalina mu biro biri eby'ebigambo ebibakwasa ensonyi kaakano? kubanga enkomerero yaabyo kufa.	6:21 What fruit had ye then in those things whereof ye are now ashamed? for the end of those things is death.
6:22 Naye kaakano bwe mwaweebwa eddembe okuva mu kibi, ne nufuuka abaddu ba Katonda, mulina ebibala byammwe olw'okutukuzibwa, n'enkomerero bulamu obuaggwaawo.	6:22 But now being made free from sin, and become servants to God, ye have your fruit unto holiness, and the end everlasting life.
6:23 Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaavo mu Kristo Yesu Mukama waffe. Okununulwa okuva ku mateeka	6:23 For the wages of sin is death; but the gift of God is eternal life through Jesus Christ our Lord.
Abaruumi 7	Romans 7
7:1 Oba temumanyi, ab'oluganda (kubanga **amba abategeera amateeka), ng'amateeka gafuga omuntu ng'akyali mulamu?	7:1 Know ye not, brethren, (for I speak to them that know the law,) how that the law hath dominion over a man as long as he liveth?

7:2 Kubanga omukazi afugibwa bba ng'akyali mulamu; naye bba bw'afa, ng'asumuluddwa mu mateeka ga bba.	7:2 For the woman which hath an husband is bound by the law to her husband so long as he liveth; but if the husband be dead, she is loosed from the law of her husband.
7:3 Kale bwe kityo bba: bw'aba ng'akyali mulamu bw'anaabanga n'omusajja omulala, anaayitibwanga mwenzi: naye bba bw'afa, nga wabusa eri amateeka, obutaba mwenzi bw'aba n'omusajja omulala.	7:3 So then if, while her husband liveth, she be married to another man, she shall be called an adulteress: but if her husband be dead, she is free from that law; so that she is no adulteress, though she be married to another man.
7:4 Bwe kityo, baganda bange, era nammwe mwafa ku mateeka olw'omubiri gwa Kristo, mubeere n'omulala, ye oyo eyazuukizibwa mu bafu, tulyoke tubalirenga Katonda ebibala.	7:4 Wherefore, my brethren, ye also are become dead to the law by the body of Christ; that ye should be married to another, even to him who is raised from the dead, that we should bring forth fruit unto God.
7:5 Kubanga bwe twabanga mu mubiri, okwegomba okubi, okuliwo olw'amateeka, kwakolanga mu bitundu byaffe okubaliranga okufa ebibala.	7:5 For when we were in the flesh, the motions of sins, which were by the law, did work in our members to bring forth fruit unto death.
7:6 Naye kaakano twasumululwa mu mateeka, bwe twafa ku ekyo ekyabanga kitufuga, ffe tubeerenga abaddu mu buggya obw'omwoyo, so si mu nnukuta ez'edda.	7:6 But now we are delivered from the law, that being dead wherein we were held; that we should serve in newness of spirit, and not in the oldness of the letter.
7:7 Kale tunaayogera tutya? Amateeka kye kibi? Kitalo. Naye ssanditegedde kibi, wabula mu mateeka: kubanga ssaadimanye kwegomba, singa amateeka tegaayogera nti Teweegombanga:	7:7 What shall we say then? Is the law sin? God forbid. Nay, I had not known sin, but by the law: for I had not known lust, except the law had said, Thou shalt not covet.
7:8 naye ekibi bwe kyalaba we kiyima, ne kikolanga mu nze olw'amateeka okwegomba kwonna: kubanga awataba mateeka ekibi nga kifudde.	7:8 But sin, taking occasion by the commandment, wrought in me all manner of concupiscence. For without the law sin was dead.
7:9 Nange edda nnabanga mulamu awatali mateeka: naye ekiragiwo bwe kyajja, ekibi ne kizuukira, nange ne nfa;	7:9 For I was alive without the law once: but when the commandment came, sin revived, and I died.
7:10 n'ekiragiwo ekyali eky'okuleeta obulamu, ekyo ne kirabika gye ndi eky'okuleeta okufa:	7:10 And the commandment, which was ordained to life, I found to be unto death.
7:11 kubanga ekibi, bwe kyalaba we kiyima olw'ekiragiwo, ne kinnimba, ne kinzita olw'ekyo.	7:11 For sin, taking occasion by the commandment, deceived me, and by it slew me.
7:12 Bwe kityo amateeka matukuvu, n'ekiragiwo kitukuvu, kituukirivu, kirungi.	7:12 Wherefore the law is holy, and the commandment holy, and just, and good.
7:13 Kale ekirungi kyafuuka kufa gye ndi? Kitalo. Naye ekibi kirabike okuba ekibi, kubanga kye kyandeetera okufa olw'ekirungi; ekibi kiryo ke kyeyongerenga okubeera ekibi olw'eki ragiwo.	7:13 Was then that which is good made death unto me? God forbid. But sin, that it might appear sin, working death in me by that which is good; that sin by the commandment might become exceeding sinful.

7:14 Kubanga tumanyi ng'amateeka ge g'omwoyo: naye nze ndi wa mubiri, natundibwa okufugibwanga ekibi.	7:14 For we know that the law is spiritual: but I am carnal, sold under sin.
7:15 Kubanga kye nkola, ssikimanyi; kubanga kye njagala si kye nkola; naye kye nkyawa kye nkola.	7:15 For that which I do I allow not: for what I would, that do I not; but what I hate, that do I.
7:16 Naye oba nga kye ssaagala kye nkola, nzikiriza amateeka nga malungi.	7:16 If then I do that which I would not, I consent unto the law that it is good.
7:17 Kale kaakano ai nze nkikola nate, wabula ekibi ekituula mu nze.	7:17 Now then it is no more I that do it, but sin that dwelleth in me.
7:18 Kubanga mmanyi nga mu nze, gwe mubiri gwange, temutuula kirungi: kubanga okwagala kumbeera kumpi, naye okukola ekirungi tewali.	7:18 For I know that in me (that is, in my flesh,) dwelleth no good thing: for to will is present with me; but how to perform that which is good I find not.
7:19 Kubanga kye njagala ekirungi ssikikola: naye kye ssaagala ekibi kye nkola.	7:19 For the good that I would I do not: but the evil which I would not, that I do.
7:20 Naye oba nga kye ssaagala kye nkola, si nze nkikola nate, wabula ekibi ekituula mu nze.	7:20 Now if I do that I would not, it is no more I that do it, but sin that dwelleth in me.
7:21 Bwe kityo ndaba etteeka nti nze bwe njagala okukola ekirungi, ekibi kimbeera kumpi.	7:21 I find then a law, that, when I would do good, evil is present with me.
7:22 Kubanga nsanyukira amateeka ga Katonda mu muntu ow'omunda:	7:22 For I delight in the law of God after the inward man:
7:23 naye ndaba etteeka eddala mu bitundu byange nga lirwana n'etteeka ly'amagezi gange, era nga lindeeta mu bufuge wansi w'etteeka ly'ekibi eriri mu bitundu byange:	7:23 But I see another law in my members, warring against the law of my mind, and bringing me into captivity to the law of sin which is in my members.
7:24 Nze nga ndi muritu munaku! ani alindokola mu mubiri ogw'okufa kuno?	7:24 O wretched man that I am! who shall deliver me from the body of this death?
7:25 Nneebaza Katonda ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe. Kale bwe kityo nze nzekka mu magezi ndi muddu wa mateeka ga Katonda, naye mu mubiri wa tteeka lya kibi. Abeddembe eri ekibi eky'obuzaaliranwa	7:25 I thank God through Jesus Christ our Lord. So then with the mind I myself serve the law of God; but with the flesh the law of sin.
Abaruumi 8	Romans 8
8:1 Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu	8:1 There is therefore now no condemnation to them which are in Christ Jesus, who walk not after the flesh, but after the Spirit.
8:2 Kubanga etteeka ery'Omwoyo gw'obulamu mu Kristo Yesu lyanfuula ow'eddembe okunziya mu tteeka ly'ekibi n'ery'okufa.	8:2 For the law of the Spirit of life in Christ Jesus hath made me free from the law of sin and death.

8:3 Kubanga amateeka kye gatayinza, kubanga manafu olw'omubiri, Katonda, bwe yatuma Omwana we ye mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi era olw'ekibi, n'asalira omusango ekibi mu mubiri:	8:3 For what the law could not do, in that it was weak through the flesh, God sending his own Son in the likeness of sinful flesh, and for sin, condemned sin in the flesh:
8:4 obutuukirivu bw'amateeka bulyoke butuukirizibwe mu ffe, abatatambula kugoberera mubiri, wabula omwoyo.	8:4 That the righteousness of the law might be fulfilled in us, who walk not after the flesh, but after the Spirit.
8:5 Kubanga abagoberera omubiri, balowooza bya mubiri: naye abagoberera omwoyo, bya mwoyo.	8:5 For they that are after the flesh do mind the things of the flesh; but they that are after the Spirit the things of the Spirit.
8:6 Kubaaga okulowooza kw'omubiri kwe kufa; naye okulowooza kw'omwoyo bwe bulamu n'emirembe:	8:6 For to be carnally minded is death; but to be spiritually minded is life and peace.
8:7 kubanga okulowooza kw'omubiri bwe bulabe eri Katonda; kubangatekufugibwa mateeka ga Katonda, kubanga n'okuyinza tegakuyinza:	8:7 Because the carnal mind is enmity against God: for it is not subject to the law of God, neither indeed can be.
8:8 n'abo abali mu mubiri tebayinza kusanyusa Katonda.	8:8 So then they that are in the flesh cannot please God.
8:9 Naye mmwe temuli mu mubiri, wabula mu mwoyo, oba ng'Omwoyo gwa Katonda atuula mu mmwe. Naye omuntu bw'ataba na Mwoyogwa Kristo, oyo si, wuwe.	8:9 But ye are not in the flesh, but in the Spirit, if so be that the Spirit of God dwell in you. Now if any man have not the Spirit of Christ, he is none of his.
8:10 Era oba aga Kristo ali'mu mmwe, omubiri nga gufudde olw'ekibi; naye omwoyo bwe bulamu olw'obutuukirivu.	8:10 And if Christ be in you, the body is dead because of sin; but the Spirit is life because of righteousness.
8:11 Naye oba nga Omwoyo gw'oyo eyazuukiza Yesu mu bafu atuula mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo Yesu mu bafu, era n'emibiri gyammwe egifa aligifuula emiramu ku bw'Omwoyo gwe atuula mu mmwe.	8:11 But if the Spirit of him that raised up Jesus from the dead dwell in you, he that raised up Christ from the dead shall also quicken your mortal bodies by his Spirit that dwelleth in you.
8:12 Kale nno, ab'oluganda, tulina ebbanja: omubiri si gwe gutubanja; okugobereranga omubiri:	8:12 Therefore, brethren, we are debtors, not to the flesh, to live after the flesh.
8:13 kubanga bwe munaagobereranga omubiri, mugenda kufa; naye bwe munaafiisanga ebikolwa by'omubiri olw'Omwoyo, muliba balamu.	8:13 For if ye live after the flesh, ye shall die: but if ye through the Spirit do mortify the deeds of the body, ye shall live.
8:14 Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be baana ba Katonda.	8:14 For as many as are led by the Spirit of God, they are the sons of God.
8:15 Kubanga temwaweebwa nate mwoyo gwa buddu okutya, naye mwaweebwa Omwoyo ow'okufuuka abaana, atukaabya nti Abba, Kitaffe.	8:15 For ye have not received the spirit of bondage again to fear; but ye have received the Spirit of adoption, whereby we cry, Abba, Father.

8:16 Omwoyo yennyini wamu n'omwoyo gwaffe ategeeza nga tuli baana ba Katonda:	8:16 The Spirit itself beareth witness with our spirit, that we are the children of God:
8:17 naye bwe tuli abaana, era tuli basika: abasika ba Katonda, era abasikira awamu ne Kristo; bwe tubonaabonera awamu, era tulyoke tuweerwe wamu ekitiibwa.	8:17 And if children, then heirs; heirs of God, and joint-heirs with Christ; if so be that we suffer with him, that we may be also glorified together.
8:18 Kubanga ngera ng'okubonaabona okw'omu biro bya kaakati nga tekutuuka kwenkanyaankanya n'ekitiibwa ekigenda okutubikkulirwa ffe.	8:18 For I reckon that the sufferings of this present time are not worthy to be compared with the glory which shall be revealed in us.
8:19 Kubanga okutunuulira ennyo okw'ebitonde kulindirira okubikkulirwa kw'abaana ba Katonda.	8:19 For the earnest expectation of the creature waiteth for the manifestation of the sons of God.
8:20 Kubanga ebitonde byateekebwa okufugibwa obutaliimu, si lwa kwagala kwabyo wabula ku bw'oyo eyabifugisa, mu kusuubira nti	8:20 For the creature was made subject to vanity, not willingly, but by reason of him who hath subjected the same in hope,
8:21 era n'ebitonde byennyini nabyo biriweebwa eddembe okuva mu kufugibwa okuvunda okuyingira mu ddembe ery'ekitiibwa ky'abaana ba Katonda.	8:21 Because the creature itself also shall be delivered from the bondage of corruption into the glorious liberty of the children of God.
8:22 Kubanga tumanyi ng'ebitonde byonna bisinda era birumirwa wamu okutuusa kaakano.	8:22 For we know that the whole creation groaneth and travaileth in pain together until now.
8:23 Era si ekyo kyokka, naye era naffe, abalina ebibala ebibereberye eby'Omwoyo, era naffe tusiada munda yaffe, nga tuliadirira okufuuka abaana, kwe kunuulibwa kw'omubiri gwaffe.	8:23 And not only they, but ourselves also, which have the firstfruits of the Spirit, even we ourselves groan within ourselves, waiting for the adoption, to wit, the redemption of our body.
8:24 Kubanga twalokoka lwa kusuubira: naye ekisuubirwa ekirabika si kusuubira: kubanga ani asuubira ky'alabako?	8:24 For we are saved by hope: but hope that is seen is not hope: for what a man seeth, why doth he yet hope for?
8:25 Naye bwe tusuubira kye tatalabako, tukirindirira n'okugumiikiriza.	8:25 But if we hope for that we see not, then do we with patience wait for it.
8:26 Era bwe kityo Omwoyo atubeera obunafu bwaffe: kubaaga tetutnanyi kusaba nga bwe kitugwanira: naye Omwoyo yennyini atuwolereza n'okusinda okutayogerekeka;	8:26 Likewise the Spirit also helpeth our infirmities: for we know not what we should pray for as we ought: but the Spirit itself maketh intercession for us with groanings which cannot be uttered.
8:27 naye akebera emitima amanyi okulowooza kw'Omwoyo bwe kuli, kubanga awolereza abatukuvu nga Katonda bw'ayagala.	8:27 And he that searcheth the hearts knoweth what is the mind of the Spirit, because he maketh intercession for the saints according to the will of God.
8:28 Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi.	8:28 And we know that all things work together for good to them that love God, to them who are the called according to his purpose.

8:29 Kubanga bwe yamanya edda, era yabaawula dda okufaananyizibwa n'engeri y'Omwana we, abeerenga omubereberye mu b'oluganda abangi:	8:29 For whom he did foreknow, he also did predestinate to be conformed to the image of his Son, that he might be the firstborn among many brethren.
8:30 era be yayawula edda, abo era yabayita: era be yayita, yabawa abo era obutuukirivu: era be yawa obutuukirivu, yabawa abo era ekitiibwa.	8:30 Moreover whom he did predestinate, them he also called: and whom he called, them he also justified: and whom he justified, them he also glorified.
8:31 Kale tunaayogera tutya ku ebyo? Katonda bw'abeera ku lwaffe, omulabe waffe ani?	8:31 What shall we then say to these things? If God be for us, who can be against us?
8:32 Ataagaana Mwana we ye, naye n'amuwaaayo ku lwaffe fenna, era talitugabira bintu byonna wamu naye?	8:32 He that spared not his own Son, but delivered him up for us all, how shall he not with him also freely give us all things?
8:33 Ani aliroopa abalonde ba Katonda? Katonda abawa obutuukirivu:	8:33 Who shall lay any thing to the charge of God's elect? It is God that justifieth.
8:34 ani alibasalira omusango? Kristo Yesu eyafa, oba okusinga eyazuukira, ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, era atuwolereza.	8:34 Who is he that condemneth? It is Christ that died, yea rather, that is risen again, who is even at the right hand of God, who also maketh intercession for us.
8:35 Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? kulaba nnaku, oba kulumwa, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwereere, oba kabi, oba kitala?	8:35 Who shall separate us from the love of Christ? shall tribulation, or distress, or persecution, or famine, or nakedness, or peril, or sword?
8:36 Nga bwe kyawandiikibwa nti Tuttibwa obudde okuziba, okutulanga ggwe: Twabalibwa ng'endiga ez'okusalibwa.	8:36 As it is written, For thy sake we are killed all the day long; we are accounted as sheep for the slaughter.
8:37 Naye mu ebyo byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala.	8:37 Nay, in all these things we are more than conquerors through him that loved us.
8:38 Kubanga ntegeeredde ddala nga newakubadde okufa, newakubadde obulamu, newakubadde bamalayika, newakubadde abafuga, newakubadde ebiriwo, newakubadde ebigenda okubaawo, newakubadde amaanyi,	8:38 For I am persuaded, that neither death, nor life, nor angels, nor principalities, nor powers, nor things present, nor things to come,
8:39 newakubadde obugulumivu, newakubadde okugenda wansi, newakubadde ekitonde kyonna ekirala, tebiyinzenga kutwawukanya na kwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu Mukama waffe. Isiraeri yegaana Kristo	8:39 Nor height, nor depth, nor any other creature, shall be able to separate us from the love of God, which is in Christ Jesus our Lord.
Abaruumi 9	Romans 9
9:1 Njogera amazima mu Kristo sirimba, omwoyo gwange nga guntegeereza mu Mwoyo Omutuukuvu,	9:1 I say the truth in Christ, I lie not, my conscience also bearing me witness in the Holy Ghost,
9:2 nga nnina ennaku nnyingi n'okulumwa okutamala mu mutim gwange.	9:2 That I have great heaviness and continual sorrow in my heart.

9:3 Kubanga nandyagadde nze mwene okukolimirwa Kristo olwa baganda bange, ab'ekika kyange mu mubiri:	9:3 For I could wish that myself were accursed from Christ for my brethren, my kinsmen according to the flesh:
9:4 be Baisiraeri abaweebwa okufuuka abaana, n'ekitiibwa, n'endagaano, n'okuteekerwa amateeka, n'okuweerezanga Katonda, n'ebyasuubizibwa;	9:4 Who are Israelites; to whom pertaineth the adoption, and the glory, and the covenants, and the giving of the law, and the service of God, and the promises;
9:5 abalina bajajja abo, era omwava Kristo mu mubiri, afuga byonna, Katonda atenderezabwa emirembe gyonna Amiina.	9:5 Whose are the fathers, and of whom as concerning the flesh Christ came, who is over all, God blessed for ever. Amen.
9:6 Naye si kubanga ekigambo kya Katonda kyavaawo Kubanga abava mu Isiraeri, si ba Baisiraeri bonna:	9:6 Not as though the word of God hath taken none effect. For they are not all Israel, which are of Israel:
9:7 so si kubanga lye z zadde lya Ibulayimu, kyebav babeera abaana bonna: naye, mu Isaaka ezzadde lyo mwe linaayitirwanga.	9:7 Neither, because they are the seed of Abraham, are they all children: but, In Isaac shall thy seed be called.
9:8 Kwe kugamba nti abaana ab'omubiri, abo si be baana ba Katonda; naye abaana b'okusuubiza be babalibwa okuba ezzadde.	9:8 That is, They which are the children of the flesh, these are not the children of God: but the children of the promise are counted for the seed.
9:9 Kubanga ekigambo kino kye ky'okusuubiza, nti Ng'ebiro ebyo bwe biri ndijja, ne Saala aliba n'omwana.	9:9 For this is the word of promise, At this time will I come, and Sarah shall have a son.
9:10 Naye si ekyo kyokka; era naye ne Lebbeeka bwe yalina olubuto olw'omu, Isaaka j j ajaffe	9:10 And not only this; but when Rebecca also had conceived by one, even by our father Isaac;
9:11 kubanga nga teba nnazaalibwa, so nga tebannakola kirungi oba kibi, okuteesa kwa Katonda mu kulonda kulyoke kunywere, si lwa bikolwa, wabula ku bw'oyo ayita,	9:11 (For the children being not yet born, neither having done any good or evil, that the purpose of God according to election might stand, not of works, but of him that calleth;)
9:12 n'agambibwa nti Omukulu aliba muddu wa muto.	9:12 It was said unto her, The elder shall serve the younger.
9:13 Nga bwe kyawandiikibwa ne Yakobo n'amwagala, naye Essawa n'amukyawa.	9:13 As it is written, Jacob have I loved, but Esau have I hated.
9:14 Kale tunaayogera tutya? Obi tali butuukirivu buli eri Katonda Kitalo.	9:14 What shall we say then? Is there unrighteousness with God? God forbid.
9:15 Kubanga agamba Musa nti Ndisaasira gwe ndisaasira, gwe ndikwatirwa ekisa gwe ndikwatirwa ekisa.	9:15 For he saith to Moses, I will have mercy on whom I will have mercy, and I will have compassion on whom I will have compassion.
9:16 Kale bwe kityo si ky'oyo ayagala newakubadde addukana, wabula kya Katonda asaasira.	9:16 So then it is not of him that willeth, nor of him that runneth, but of God that sheweth mercy.

9:17 Kubanga ebyawandiikibwa bigamba Falaawo nti Kyennava nkuyimiriza, ndyoke njoleseze amaanyi gange mu ggwe, era erinnya lyange liryoke libuulirwe mu nsi zonna.	9:17 For the scripture saith unto Pharaoh, Even for this same purpose have I raised thee up, that I might shew my power in thee, and that my name might be declared throughout all the earth.
9:18 Kale bwe kityo asaasira gw'ayagala okusaasira, era akakanyaza gw'ayagala okukakanyaza.	9:18 Therefore hath he mercy on whom he will have mercy, and whom he will he hardeneth.
9:19 Kale ono**amba nti Kiki ekinunenyesa nate? Kubanga ani aziyiza by'ayagala?	9:19 Thou wilt say then unto me, Why doth he yet find fault? For who hath resisted his will?
9:20 Naye ekisinga, ggwe omuntu, ggwe ani awatana ne Katonda? Ekibumbe kirigamba eyakibumba nti Kiki ekyakunzoza bw'oti?	9:20 Nay but, O man, who art thou that repliest against God? Shall the thing formed say to him that formed it, Why hast thou made me thus?
9:21 Oba omubumbi talina buyinza ku bbumba, mu kitole kimu okukola ekibya kimu eky'ekitiibwa, n'ekirala eky'ensoiyi?	9:21 Hath not the potter power over the clay, of the same lump to make one vessel unto honour, and another unto dishonour?
9:22 Kiki, oba nga Katonda me yayagala okulaga obusungu bwe, n'okumanyisa obuyinza bwe, yagumiikiriza n'okulindirira ennyo ebibya eby'obusungu ebyateekerwateekerwa okuzikirira:	9:22 What if God, willing to shew his wrath, and to make his power known, endured with much longsuffering the vessels of wrath fitted to destruction:
9:23 alyoke manyise obugagga obw'ekitiibwa ye ku bibya eby'okusaasirwa, bye uteekerateekera edda ekitubwa,	9:23 And that he might make known the riches of his glory on the vessels of mercy, which he had afore prepared unto glory,
9:4 ye ffe, n'okuyita be yayita, si mu Bayudaaya bokka, era naye ne mu y'amawanga?	9:24 Even us, whom he hath called, not of the Jews only, but also of the Gentiles?
9:25 Era nga bw'ayogera mu Koseya nti Ndibayita abantu bange, abatali bantu bange; Era ataayagalwa, ayagaliddwa.	9:25 As he saith also in Osee, I will call them my people, which were not my people; and her beloved, which was not beloved.
9:26 Awo mu kifo kye baagambirwamu nti Mmwe temuli bantu bange, Mwe baliyitirwa abaana ba Katonda omulamu:	9:26 And it shall come to pass, that in the place where it was said unto them, Ye are not my people; there shall they be called the children of the living God.
9:27 Era Isaaya ayogerera waggulu bya Isiraeri nti Omuwendo gw'abaana ba Isiraeri oba guliba ng'omusenyu gw'ennyanya, ekitundu ekirisigalawo kye kirokoka:	9:27 Esaias also crieth concerning Israel, Though the number of the children of Israel be as the sand of the sea, a remnant shall be saved:
9:28 kubanga Mukama alikola ekigambo ye ku nsi, ng'akituukiriza era g'akisalako.	9:28 For he will finish the work, and cut it short in righteousness: because a short work will the Lord make upon the earth.
9:29 Era nga Isaaya we yasooka okwogera nti Singa Mukama Ow'eggye teyatulekerawo zzadde, Twandifuuse nga Sodomu, era twandifaanayizibwa nga Ggomola.	9:29 And as Esaias said before, Except the Lord of Sabaoth had left us a seed, we had been as Sodom, and been made like unto Gomorrha.

9:30 Kale tunaayogera tutya? Nti b'amawanga, abataagobereranga butuukirivu, baatuuka ku butuukirivu, bwe butuukirivu obuva mu ukkiriza;	9:30 What shall we say then? That the Gentiles, which followed not after righteousness, have attained to righteousness, even the righteousness which is of faith.
9:31 naye Isiraeri, mu ugobereranga amateeka ag'obutuukirivu, teyatuuka ku mateeka gali.	9:31 But Israel, which followed after the law of righteousness, hath not attained to the law of righteousness.
9:32 Lwaki? Kubanga tebaabugobereranga nga bayima mu kukkiriza, wabula nga mu bikolwa. Beesittala ku jjinja eryo eryesittalwako:	9:32 Wherefore? Because they sought it not by faith, but as it were by the works of the law. For they stumbled at that stumblingstone;
9:33 nga bwe kyawandiikibwa nti Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja eryesittalwako n'olwazi olugwisa: Era akkiriza oyo talikwasibwa nsonyi. Isiraeri yetaaga enjiri	9:33 As it is written, Behold, I lay in Sion a stumblingstone and rock of offence: and whosoever believeth on him shall not be ashamed.
Abaruumi 10	Romans 10
10:1 Ab'oluganda, kye njagala mu mutima gwange era kye nsaba Katonda ku lwabwe kye kino, balokoke.	10:1 Brethren, my heart's desire and prayer to God for Israel is, that they might be saved.
10:2 Kubanga mbategeeza nga balina okunyiikiririra Katonda, naye si mu kutegeera.	10:2 For I bear them record that they have a zeal of God, but not according to knowledge.
10:3 Kubanga bwe batamanya butuukirivu bwa Katonda, era bwe bagezaako okutereeza obutuukirivu bwabwe bo bennyini, tebagondera butuukirivu bwa Katonda.	10:3 For they being ignorant of God's righteousness, and going about to establish their own righteousness, have not submitted themselves unto the righteousness of God.
10:4 Kubanga Kristo ye nkomerero y'amateeka olw'okuweesa obutuukirivu buli akkiriza,	10:4 For Christ is the end of the law for righteousness to every one that believeth.
10:5 Kubanga Musa awandiika obutuukirivu obuva mu mateeka nti abukola ye aliba omulamu mu bwo.	10:5 For Moses describeth the righteousness which is of the law, That the man which doeth those things shall live by them.
10:6 Naye obutuukirivu obuva mu kukkiriza bwogera bwe buti nti Toyogeranga mu mutima gwo nti Ani alirinnya mu ggulu? (kwe kuleeta Kristo wansi;)	10:6 But the righteousness which is of faith speaketh on this wise, Say not in thine heart, Who shall ascend into heaven? (that is, to bring Christ down from above:)
10:7 newakubadde nti Ani alikka emagombe? (kwe kulinyisa Kristo okuva mu bafu.)	10:7 Or, Who shall descend into the deep? (that is, to bring up Christ again from the dead.)
10:8 Naye bwogera butya? Nti, Ekigambo kiri kumpi naawe, mu kamwako, ne mu mutima gwo: kye kigambo eky'okukkiriza kye tubuulira:	10:8 But what saith it? The word is nigh thee, even in thy mouth, and in thy heart: that is, the word of faith, which we preach;
10:9 kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka:	10:9 That if thou shalt confess with thy mouth the Lord Jesus, and shalt believe in thine heart that God hath raised him from the dead, thou shalt be saved.

10:10 kubanga omuntu akkiriza na mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa okulokoka.	10:10 For with the heart man believeth unto righteousness; and with the mouth confession is made unto salvation.
10:11 Kubanga ebyawandiikibwa byogera nti Buli amukkiriza talikwasibwa nsonyi.	10:11 For the scripture saith, Whosoever believeth on him shall not be ashamed.
10:12 Kubanga tewali njawulo ya Muyudaaya na Muyonaani: kubanga omu ye Mukama waabwe bonna, ye mugagga eri abo bonna abamukaabirira:	10:12 For there is no difference between the Jew and the Greek: for the same Lord over all is rich unto all that call upon him.
10:13 kubanga, Buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokoka.	10:13 For whosoever shall call upon the name of the Lord shall be saved.
10:14 Kale balikaabirira batya gwe batannakkiriza? era balikkiriza batya gwe batannawulirako? era baliwulira batya awatali abuulira?	10:14 How then shall they call on him in whom they have not believed? and how shall they believe in him of whom they have not heard? and how shall they hear without a preacher?
10:15 era balibuulira batya nga tebatumiddwa? nga bwe kyawandiikibwa nti Ebigere byabwe nga birungi nnyo ababuulira enjiri ey'ebirungi!	10:15 And how shall they preach, except they be sent? as it is written, How beautiful are the feet of them that preach the gospel of peace, and bring glad tidings of good things!
10:16 Naye tebaagondera njiri bonna. Kubanga Isaaya ayogera nti Mukama, ani eyakkiriza ekigambo kyaffe?	10:16 But they have not all obeyed the gospel. For Esaias saith, Lord, who hath believed our report?
10:17 Kale okukkiriza kuva mu kuwulira, n'okuwulira mu kigambo kya Kristo.	10:17 So then faith cometh by hearing, and hearing by the word of God.
10:18 Naye njogera nti Tebawuliranga? Weewaawo, ddala, Eddoboozi lyabyo lyabuna mu nsi zonna, N'ebigambo byabyo okutuuka ku nkomerero z'ensi.	10:18 But I say, Have they not heard? Yes verily, their sound went into all the earth, and their words unto the ends of the world.
10:19 Naye njogera nti Isiraeri tamanyanga? Musa ye yasooka okwogera nu Ndibakwasa obugya eri abatata ba ggwanga, Eri eggwanga eritalina magezi ndibasunguwaza.	10:19 But I say, Did not Israel know? First Moses saith, I will provoke you to jealousy by them that are no people, and by a foolish nation I will anger you.
10:20 Era Isaaya aguma nnyo n'ayogera nti Navumbulibwa abo abatannoonyanga, Nalagibwa eri abo abatambuulirizangako.	10:20 But Esaias is very bold, and saith, I was found of them that sought me not; I was made manifest unto them that asked not after me.
10:21 Naye eri Isiraeri ayogera nti Obudde okuziba nagololera emikono gyange abantu abatawulira era abagaana. Isiraeri teyeeaganira ddala Kristo	10:21 But to Israel he saith, All day long I have stretched forth my hands unto a disobedient and gainsaying people.
Abaruumi 11	Romans 11
11:1 Naye eri Isiraeri ayogera ati Obudde okuziba nagololera emikono gyange abantu abatawulira era abagaana.	11:1 I say then, Hath God cast away his people? God forbid. For I also am an Israelite, of the seed of Abraham, of the tribe of Benjamin.

11:2 Katonda teyagoba bantu be, be yamanya edda. Oba temumanyi ebya Eriya ebyawandiikibwa bwe byogera? bwe yasaba Katonda ng'ayogera ku Baisiraeri nti	11:2 God hath not cast away his people which he foreknew. Wot ye not what the scripture saith of Elias? how he maketh intercession to God against Israel saying,
11:3 Mukama, batta bannabbi bo, ne basuula ebyoto byo: nange nfisseewo nzekka, era banoonya obulamu bwange.	11:3 Lord, they have killed thy prophets, and digged down thine altars; and I am left alone, and they seek my life.
11:4 Naye okuddamu kwa Katonda kumugamba kutya? Nti Nze nneefisirizzaawo abasajja kasanvu, abatafikaamiriranga Baali.	11:4 But what saith the answer of God unto him? I have reserved to myself seven thousand men, who have not bowed the knee to the image of Baal.
11:5 Kale bwe kityo era ne mu biro bino waliwo ekitundu ekyafikkawo mu kulonda okw'ekisa.	11:5 Even so then at this present time also there is a remnant according to the election of grace.
11:6 Naye oba nga lwa kisa, si lwa bikolwa nate: oba nga si bwe kityo, ekisa si kisa nate.	11:6 And if by grace, then is it no more of works: otherwise grace is no more grace. But if it be of works, then it is no more grace: otherwise work is no more work.
11:7 Kale tukole tutya? Isiraeri kye yanoonya, teyakiraba; naye abaalondebwa baakiraba, abalala ne bakakanyazibwa:	11:7 What then? Israel hath not obtained that which he seeketh for; but the election hath obtained it, and the rest were blinded.
11:8 nga bwe kyawandiikibwa nti Katonda yabawa omwoyo ogw'okubongoota, amaaso ag'obutalaba, n'amatu ag'obutawulira, okutuusa ku lunaku lwa leero.	11:8 (According as it is written, God hath given them the spirit of slumber, eyes that they should not see, and ears that they should not hear;) unto this day.
11:9 Era Dawudi ayogera nti Emmeeza yaabwe ebafuukire akakunizo n'ekigu, N'enkonge, n'empeera gye bali:	11:9 And David saith, Let their table be made a snare, and a trap, and a stumblingblock, and a recompence unto them:
11:10 Amaaso gaabwe gasiikirizibwe obutalaba, Era obakutamyenga omugongo gwabwe bulijjo.	11:10 Let their eyes be darkened, that they may not see, and bow down their back alway.
11:11 Kale njogera nti Kyebaava beesittala balyoke bagwe? Kitalo: naye olw'okwonoona kwabwe obulokozi kyebwava bujja eri ab'amawanga, okubakwasa obuggya.	11:11 I say then, Have they stumbled that they should fall? God forbid: but rather through their fall salvation is come unto the Gentiles, for to provoke them to jealousy.
11:12 Naye oba ng'okwonoona kwabwe bwe bugagga bw'ensi, n'okuweebuuka kwabwe bwe bugagga bw'ab'amawanga; okutuukirira kwabwe tekusinga nnyo?	11:12 Now if the fall of them be the riches of the world, and the diminishing of them the riches of the Gentiles; how much more their fulness?
11:13 Naye mbagamba mmwe ab'amawanga. Kale kubanga nze ndi mutume wa b'amawanga, ngulumiza okuweereza kwange:	11:13 For I speak to you Gentiles, inasmuch as I am the apostle of the Gentiles, I magnify mine office:
11:4 bwe ndiraba ekigambo kyonna kye ndikwasisa obuggya ab'omubiri gwange, ne ndokola abamu mu bo.	11:14 If by any means I may provoke to emulation them which are my flesh, and might save some of them.

11:15 Kuba oba ng'okugobebwa kwabwe kwe kutabaganya ensi, okusembezebwa kwabwe kiki, wabula obulamu mu bafu?	11:15 For if the casting away of them be the reconciling of the world, what shall the receiving of them be, but life from the dead?
11:16 Era ebibala ebibereberye bwe biba ebitukuvu, era n'ekitole kitukuvu: era ekikolo bwe kiba ekitukuvu, era n'amatabi matukuvu.	11:16 For if the firstfruit be holy, the lump is also holy: and if the root be holy, so are the branches.
11:17 Naye oba ng'amatabi agamu gaawogolebwa, naawe, eyali omuzeyituuni ogw'omu nsiko, wasimbibwa mu go, n'ogatta wamu nago ekikolo eky'obugevvu obw'omuzeyituuni;	11:17 And if some of the branches be broken off, and thou, being a wild olive tree, wert grafted in among them, and with them partakest of the root and fatness of the olive tree;
11:18 tweenyumirizanga ku matabi: naye bwe weenyumirizanga, si ggwe weetisse ekikolo, naye ekikolo kye kyetisse ggwe.	11:18 Boast not against the branches. But if thou boast, thou bearest not the root, but the root thee.
11:19 Kale onooyogera nti Amatabi kyegaava gawogolwa Me nsimbibweko.	11:19 Thou wilt say then, The branches were broken off, that I might be grafted in.
11:20 Weewaawo; gaawogolwa lwa butakkiriza, naawe onywedde lwa kukkiriza. Teweegulumizanga, naye tyanga:	11:20 Well; because of unbelief they were broken off, and thou standest by faith. Be not highminded, but fear:
11:21 kuba oba nga Katonda teyasaasira matabi ga buzaaliranwa, era naawe talikusaasira.	11:21 For if God spared not the natural branches, take heed lest he also spare not thee.
11:22 Kale laba obulungi n'obukambwe bwa Katonda: eri abaagwa, bukambwe; naye eri ggwe bulungi bwa Katonda, bw'onoobeereranga mu bulungi bwe: bw'otoobeereranga, naawe oliwogolwa.	11:22 Behold therefore the goodness and severity of God: on them which fell, severity; but toward thee, goodness, if thou continue in his goodness: otherwise thou also shalt be cut off.
11:23 Era nabo, bwe bataabeereranga mu butakkiriza bwabwe balisimbwawo: kubanga Katonda ayinza okubasimbawo nate.	11:23 And they also, if they abide not still in unbelief, shall be grafted in: for God is able to graft them in again.
11:24 Kuba oba nga ggwe wawogolwa ku muzeyituuni ogwali ogw'omu nsiko mu buzaaliranwa, n'osimbibwa mu muzeyituuni omulungi obutagoberera buzaaliranwa, abo, ab'obuzaaliranwa; tebalisinga nnyo kusimbibwa mu muzeyituuni gwabwe bo?	11:24 For if thou wert cut out of the olive tree which is wild by nature, and wert grafted contrary to nature into a good olive tree: how much more shall these, which be the natural branches, be grafted into their own olive tree?
11:25 Kubanga ssaagala mmwe, ab'oluganda, obutamanya kyama kino, mulemenga okubeera ab'amagezi mu maaso gammwe mwekka, ng'obukakanyavu bwabeera ku Baisiraeri mu kitundu, okutuusa okutuukirira kw'ab'amawanga lwe kulituuka;	11:25 For I would not, brethren, that ye should be ignorant of this mystery, lest ye should be wise in your own conceits; that blindness in part is happened to Israel, until the fulness of the Gentiles be come in.
11:26 era bwe kityo Abaisiraeri bonna balirokoka: nga bwe kyawandiikibwa nti Muliva mu Sayuuni Awonya; Aliggyawo obutatya Katonda mu Yakobo:	11:26 And so all Israel shall be saved: as it is written, There shall come out of Sion the Deliverer, and shall turn away ungodliness from Jacob:

11:27 Era eno ye ndagaano yange eri bo, bwe ndibaggyako ebibi byabwe.	11:27 For this is my covenant unto them, when I shall take away their sins.
11:28 Mu njiri, be balabe ku lwammwe: naye mu kulondebwa, baagalwa ku lwa bajajja.	11:28 As concerning the gospel, they are enemies for your sakes: but as touching the election, they are beloved for the father's sakes.
11:29 Kubanga ebirabo n'okuyita kwa Katonda tebyejjusibwa.	11:29 For the gifts and calling of God are without repentance.
11:30 Kuba nga mmwe edda bwe mutaawulira Katonda, naye kaakati musaasiddwa olw'obutawulira bw'abo,	11:30 For as ye in times past have not believed God, yet have now obtained mercy through their unbelief:
11:31 bwe kityo nabo kaakati tebawulidde, olw'okusaasirwa kwammwe kaakati nabo balyoke basaasirwe.	11:31 Even so have these also now not believed, that through your mercy they also may obtain mercy.
11:32 Kubanga Katonda yasiba bonna mu butawulira, alyoke asaasire bonna.	11:32 For God hath concluded them all in unbelief, that he might have mercy upon all.
11:33 Obuziba bw'obugagga obw'amagezi a'obw'okumanya kwa Katonda tomanyi bwe buli! emisango gye nga tegikeberekeka, n'amakubo ge nga tegekkaanyizika!	11:33 O the depth of the riches both of the wisdom and knowledge of God! how unsearchable are his judgments, and his ways past finding out!
11:34 Kubanga ani eyali amanye ebirowoozo bya Mukama? oba ani eyali amuwadde amagezi?	11:34 For who hath known the mind of the Lord? or who hath been his counsellor?
11:35 oba ani eyali asoose okumuwa ekintu, era eliddizibwa nate?	11:35 Or who hath first given to him, and it shall be recompensed unto him again?
11:36 Kubanga byonna biva gy'ali, era biyita gy'ali, era bituuka gy'ali. Ekitiibwa kibeerenga gy'ali emirembe gyonna Amiina. Ekowebwayo eky'obulamu.	11:36 For of him, and through him, and to him, are all things: to whom be glory for ever. Amen.
Abaruumi 12	Romans 12
12:1 Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaayi: kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.	12:1 I beseech you therefore, brethren, by the mercies of God, that ye present your bodies a living sacrifice, holy, acceptable unto God, which is your reasonable service.
12:2 So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwe nga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi ebisanyusa, ebituufu.	12:2 And be not conformed to this world: but be ye transformed by the renewing of your mind, that ye may prove what is that good, and acceptable, and perfect, will of God.
12:3 Kubanga njogera, olw'ekisa kye nnaweewbwa, eri buli muntu ali mu mmwe, alemenga okwerowooza oku singa bwe kimugwanidde okulo wooza; naye okulowoozanga ng yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'o kukkiriza.	12:3 For I say, through the grace given unto me, to every man that is among you, not to think of himself more highly than he ought to think; but to think soberly, according as God hath dealt to every man the measure of faith.

12:4 Kubanga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu naye ebitundu byonna tebirina mu limu gumu:	12:4 For as we have many members in one body, and all members have not the same office:
12:5 bwe kityo ffe abangi tuli omubiri gumu mu Kristo, na buli muntu tuli ebitundu bya baana ffe fekka na fekka.	12:5 So we, being many, are one body in Christ, and every one members one of another.
12:6 Era nga bwe tulina ebitenkanankana ng'ekisa kyetwawebwa bwe kiri, oba bunabbi (tubuulirenga) mu kigera kyokukiriza kwaffe;	12:6 Having then gifts differing according to the grace that is given to us, whether prophecy, let us prophesy according to the proportion of faith;
12:7 oba ku weereza, tunyiikirenga mu kuweereza kwaffe;	12:7 Or ministry, let us wait on our ministering: or he that teacheth, on teaching;
12:8 oba ayigiriza, anyiikirenga mu kuyigiriza kwe; oba abuulirira, mu kubuulirira kwe: agaba, agabenga awatali bukuusa; afuga afugenga n'okunyiikira; asaasira asaasirenga n'essanyu.	12:8 Or he that exhorteth, on exhortation: he that giveth, let him do it with simplicity; he that ruleth, with diligence; he that sheweth mercy, with cheerfulness.
12:9 Okwagala kubeerenga kw'amazima. Mukyawenga obubi, mwegattenga n'obulungi.	12:9 Let love be without dissimulation. Abhor that which is evil; cleave to that which is good.
12:10 Mu kwagala kw'ab'oluganda mwagalanenga mwekka ne mwekka; mu kitiibwa buli muntu agulumizenga munne;	12:10 Be kindly affectioned one to another with brotherly love; in honour preferring one another;
12:11 mu kunyiikira si bagayaavu; abasanyufi mu mwoyo; nga mubeeranga baddu ba Mukama waffe;	12:11 Not slothful in business; fervent in spirit; serving the Lord;
12:12 musanyukenga mu kusuubira; mugumiikirizenga mu bunaku; munyiikirenga mu kusaba;	12:12 Rejoicing in hope; patient in tribulation; continuing instant in prayer;
12:13 mugabirenga abatukuvu bye beetaaga; mwanirizenga abageayi.	12:13 Distributing to the necessity of saints; given to hospitality.
12:14 Musabirenga ababayigganya; musabirenga, so temukolimanga.	12:14 Bless them which persecute you: bless, and curse not.
12:15 Musanyukirenga wamu n'abo abasanyuka; mukaabirenga wamu n'abo abakaaba.	12:15 Rejoice with them that do rejoice, and weep with them that weep.
12:16 Mulowoozenga bumu mwekka na mwekka. Temwegulumizanga, naye mugendenga n'abo abatalina bukulu. Temubanga ba magezi mu naaso gammwe mwekka.	12:16 Be of the same mind one toward another. Mind not high things, but condescend to men of low estate. Be not wise in your own conceits.
12:17 Tenuwalananga muntu kibi olw'ekibi. Awetegekenga ebirungi mu maaso g'abantu bonna.	12:17 Recompense to no man evil for evil. Provide things honest in the sight of all men.
12:18 Oba nga kiyinzika, ku luuyi lwammwe, mutabaganenga n'abantu bonna.	12:18 If it be possible, as much as lieth in you, live peaceably with all men.

12:19 Temuwalananga mwekka ggwanga, baagalwa, naye waakiri musegulienga obusungu: kubanga kyawandiikibwa nti Okuwalana kwange; nze ndisasula, bw'ayogera Mukama.	12:19 Dearly beloved, avenge not yourselves, but rather give place unto wrath: for it is written, Vengeance is mine; I will repay, saith the Lord.
12:20 Naye omulabe wo bw'alumwanga enjala, muliisenga; bw'alumwanga ennyonta, munywesenga kubanga bw'okola bw'otyo, olinukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe.	12:20 Therefore if thine enemy hunger, feed him; if he thirst, give him drink: for in so doing thou shalt heap coals of fire on his head.
12:21 Towangulwanga bubi, naye wangulanga obubi olw'obulungi. Okugondera abafuzi	12:21 Be not overcome of evil, but overcome evil with good.
Abaruumi 13	Romans 13
13:1 Buli muntu awulirenga abakulu abafuga: kubanga tewali bukulu butava eri Katonda; n'abakulu abaliwo baalagirwa Katonda.	13:1 Let every soul be subject unto the higher powers. For there is no power but of God: the powers that be are ordained of God.
13:2 Awakanya obukulu kyava awa:anya okulagira hwa Katonda: era bawakana balyezzaako omusango bo bokka.	13:2 Whosoever therefore resisteth the power, resisteth the ordinance of God: and they that resist shall receive to themselves damnation.
13:3 Kubanga abafuga si ba kutiisa mu kikulwa ekirungi, wabula mu kibi: Era oyagala obutatya bukulu? kola bulungi, alikusiima:	13:3 For rulers are not a terror to good works, but to the evil. Wilt thou then not be afraid of the power? do that which is good, and thou shalt have praise of the same:
13:4 kubanga ye muweereza wa Katonda eri ggwe olw'obulungi. Naye bw'okola obubi, tya; kubanga tawatira kitala bwereere: kubanga ye nuweereza wa Katonda, awalana obusungu ku oyo akola obubi.	13:4 For he is the minister of God to thee for good. But if thou do that which is evil, be afraid; for he beareth not the sword in vain: for he is the minister of God, a revenger to execute wrath upon him that doeth evil.
13:5 Kyekivudde kibagwanira okuwulira, si lwa busungu bwokka, naye lwa ku lw'omwoyo gwammwe.	13:5 Wherefore ye must needs be subject, not only for wrath, but also for conscience sake.
13:6 Era kyemuva muwa omusolo; kubanga be baweereza ba Katonda, nga baayiikirira mu mulimu ogwo.	13:6 For for this cause pay ye tribute also: for they are God's ministers, attending continually upon this very thing.
13:7 Musasulenga bonna amabanja gaabwe: ab'omusolo musolo; ab'empooza mpooza; ab'okutiibwa kutya; ab'ekitiibwa kitiibwa.	13:7 Render therefore to all their dues: tribute to whom tribute is due; custom to whom custom; fear to whom fear; honour to whom honour.
13:8 Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagalananga: kubanga ayagala muntu munne, ng'atuukirizza amateeka.	13:8 Owe no man any thing, but to love one another: for he that loveth another hath fulfilled the law.

13:9 Kubanga kino ati Toyendanga, tottanga, tobbanga, tewegombanga, n'etteeka eddala lyonna, ligattiddwa mu kino, nti Yagalanga muntu munno nga bwe weeyagala wekka.	13:9 For this, Thou shalt not commit adultery, Thou shalt not kill, Thou shalt not steal, Thou shalt not bear false witness, Thou shalt not covet; and if there be any other commandment, it is briefly comprehended in this saying, namely, Thou shalt love thy neighbour as thyself.
13:10 Okwagala tekukola bubi muntu munne: okwagala kyekuva kutuukiriza amateeka.	13:10 Love worketh no ill to his neighbour: therefore love is the fulfilling of the law.
13:11 Era mukolenga bwe mutyo, kubanga mumanyi ebiro, ng'obudde butuuse kaakano mmwe okuzuukuka mu tulo: kubanga kaakano obulokozi bwaffe nuli kumpi okusinga bwe twakkiriza.	13:11 And that, knowing the time, that now it is high time to awake out of sleep: for now is our salvation nearer than when we believed.
13:12 Ekiro kiyise, obudde bunaatera okukya: kale twambule ebikolwa eby'ekizikiza, era twambale ebyokulwanyisa eby'omusana.	13:12 The night is far spent, the day is at hand: let us therefore cast off the works of darkness, and let us put on the armour of light.
13:13 Tutambulenga nga tuwoomye nga mu musana, si mu binyumu ne mu mbaga ez'okutamiiranga, si mu bwenzi n'obukaba, si mu kuyombanga n'obugya.	13:13 Let us walk honestly, as in the day; not in rioting and drunkenness, not in chambering and wantonness, not in strife and envying.
13:14 Naye mwambale Mukama waffe Yesu Kristo, so temutegekeranga mubiri, olw'okwegomba.	13:14 But put ye on the Lord Jesus Christ, and make not provision for the flesh, to fulfil the lusts thereof.
Abaruumi 14	Romans 14
14:1 Naye atali munywevu mu kukkiriza mumusembezenga, naye si lwa kusala musango gwa mpaka.	14:1 Him that is weak in the faith receive ye, but not to doubtful disputations.
14:2 Omulala akkiriza n'okulya n'alya byonna: naye atali munywevu alya nva.	14:2 For one believeth that he may eat all things: another, who is weak, eateth herbs.
14:3 Alya tanyoomanga atalya; era atalya tasaliranga musango alya: kubanga Katonda yamusembeza.	14:3 Let not him that eateth despise him that eateth not; and let not him which eateth not judge him that eateth: for God hath received him.
14:4 Ggwe ani asalira omusango omuweereza wa beene? eri mukama we yekka ayimirira oba agwa. Naye aliyimirira; kubanga Mukama waffe ayinza okumuyimiriza.	14:4 Who art thou that judgest another man's servant? to his own master he standeth or falleth. Yea, he shall be holden up: for God is able to make him stand.
14:5 Omuntu omulala alowooza olunaku olumu okusinga olulala, omulala alowooza ennaku zonna okwenkanankana. Buli muntu ategeererenga ddala mu magezi ge yekka.	14:5 One man esteemeth one day above another: another esteemeth every day alike. Let every man be fully persuaded in his own mind.

14:6 Alowooza olunaku, alulowooza ku bwa Mukama waffe: n'oyo alya, alya ku bwa Mukama waffe, kubanga yeebaza Katonda; n'oyo atalya, talya ku bwa Mukama waffe, era yeebaza Katonda.	14:6 He that regardeth the day, regardeth it unto the Lord; and he that regardeth not the day, to the Lord he doth not regard it. He that eateth, eateth to the Lord, for he giveth God thanks; and he that eateth not, to the Lord he eateth not, and giveth God thanks.
14:7 Kubanga tewali muntu mu ffe eyebeerera omulamu ku bubwe yekka, era tewali eyeefiira ku bubwe yekka.	14:7 For none of us liveth to himself, and no man dieth to himself.
14:8 Kubanga bwe tubeera abalamu, tuba balamu ku bwa Mukama waffe: oba bwe tufa, tufa ku bwa Mukama waffe: kale, bwe tuba abalamu, oba bwe tufa, tuba ba Mukama waffe.	14:8 For whether we live, we live unto the Lord; and whether we die, we die unto the Lord: whether we live therefore, or die, we are the Lord's.
14:9 Kubanga Kristo kyeyava afa n'abeera omulamu, alyoke abeerenga Mukama w'abafu era n'abalamu.	14:9 For to this end Christ both died, and rose, and revived, that he might be Lord both of the dead and living.
14:10 Naye ggwe kiki ekikusaliza omusango muganda wo? oba naawe kiki ekikunyoomesa muganda wo? kubanga fenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ey'emisango eya Katonda.	14:10 But why dost thou judge thy brother? or why dost thou set at nought thy brother? for we shall all stand before the judgment seat of Christ.
14:11 Kubanga kyawandiikibwa nti Nga bwe ndi omulamu, bw'ayogera Mukama, buli vviivi lirinfukaamirira, Na buli lulimi lulyatula Katonda.	14:11 For it is written, As I live, saith the Lord, every knee shall bow to me, and every tongue shall confess to God.
14:12 Kale bwe kityo buli muntu mu ffe alibalirira omuwendo gwe yekka eri Katonda.	14:12 So then every one of us shall give account of himself to God.
14:13 Kale tulemenga okusalira bannaffe emisango nate fekka na fekka: naye waakiri musale omusango guno, obutaleeteranga wa luganda ekyesittaza oba nkonge.	14:13 Let us not therefore judge one another any more: but judge this rather, that no man put a stumblingblock or an occasion to fall in his brother's way.
14:14 Mmanyi era ntegeeredde ddala mu Mukama waffe Yesu, nga tewali kiutu kya muzizo mu buwangwa bwakyo: wabuta eri oyo akirowooza nga kya muzizo, kiba kya muzizo.	14:14 I know, and am persuaded by the Lord Jesus, that there is nothing unclean of itself: but to him that esteemeth any thing to be unclean, to him it is unclean.
14:15 Kuba oba nga mugaada wo anakuwala olw'emmere, nga tokyatambulira mu kwagala. Tomuzikirizanga lwa mmere yo oyo Kristo gwe yafiirira.	14:15 But if thy brother be grieved with thy meat, now walkest thou not charitably. Destroy not him with thy meat, for whom Christ died.
14:16 Kale ekirungi kyammwe kiremenga okuvumibwa:	14:16 Let not then your good be evil spoken of:
14:17 kubanga obwakabaka bwa Katonda si kwe kulya n'okunywa, wabula butuukirivu na mirembe na ssanyu mu Mwoyo Omutukuvu:	14:17 For the kingdom of God is not meat and drink; but righteousness, and peace, and joy in the Holy Ghost.

14:18 Kubanga aweereza Kristo bw'ati asanyusa nnyo Katonda, n'abantu bamusiima.	14:18 For he that in these things serveth Christ is acceptable to God, and approved of men.
14:19 Kale bwe kityo tugobererenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagananga fekka na fekka.	14:19 Let us therefore follow after the things which make for peace, and things wherewith one may edify another.
14:20 Toyoononanga mulimu gwa Katonda lwa mmere. Byonna birungi; naye kinaabanga kibi eri oyo alya nga yeesittala.	14:20 For meat destroy not the work of God. All things indeed are pure; but it is evil for that man who eateth with offence.
14:21 Kirungi obutalyanga nnyama newakubadde okunywanga omwenge, newakubadde okukolanga byonna ebyesitazza muganda wo oba ebimunyiiza oba ebimunafuya.	14:21 It is good neither to eat flesh, nor to drink wine, nor any thing whereby thy brother stumbleth, or is offended, or is made weak.
14:22 Okukkiriza kw'olina, beeranga nakwo wekka mu maaso ga Katonda. Oyo alina omukisa ateesalira musango mu kigambo ky'asiima.	14:22 Hast thou faith? have it to thyself before God. Happy is he that condemneth not himself in that thing which he alloweth.
14:23 Naye oyo abuusabuusa azza musango bw'alya, kubanga talya mu kukkiriza; na buli ekitava mu kukkiriza, kye kibi.	14:23 And he that doubteth is damned if he eat, because he eateth not of faith: for whatsoever is not of faith is sin.
Abaruumi 15	Romans 15
15:1 Era ffe abalina amaanyi kitugwanidde okwetikkanga obunafu bw'abo abatalina maanyi, so si kwesanyusanga fekka.	15:1 We then that are strong ought to bear the infirmities of the weak, and not to please ourselves.
15:2 Buli muntu mu ffe asanyusenga munne mu bulungi olw'okuzimba.	15:2 Let every one of us please his neighbour for his good to edification.
15:3 Kubanga era ne Kristo teyeesanyusanga yekka: naye, nga bwe kyawandiikibwa, nti Ebivume byabwe abaakuvuma byagwa ku nze.	15:3 For even Christ pleased not himself; but, as it is written, The reproaches of them that reproached thee fell on me.
15:4 Kubanga byonna ebyawandiikibwa edda, byawandiikibwa kutuyigiriza ffe, tulyoke tubeerenga n'okusubira olw'okugumiikiriza n'olw'okusanyusa kw'ebyawandiikibwa.	15:4 For whatsoever things were written aforetime were written for our learning, that we through patience and comfort of the scriptures might have hope.
15:5 Era Katonda w'okugumiikiriza n'okusanyusa abawe mmwe okulowoozanga obumu mwekka na mwekka mu ngeri ya Kristo Yesu:	15:5 Now the God of patience and consolation grant you to be likeminded one toward another according to Christ Jesus:
15:6 mulyoke muwenga ekitiibwa Katonda, Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, n'omwoyo ogumu n'akamwa akamu.	15:6 That ye may with one mind and one mouth glorify God, even the Father of our Lord Jesus Christ.
15:7 Kale musembezaganyenga mwekka na mwekka, nga Kristo bwe yabasembeza mmwe, olw'ekitiibwa kya Katonda.	15:7 Wherefore receive ye one another, as Christ also received us to the glory of God.

15:8 Kubanga njogera nti Kristo yali muweereza w'abakomole olw'amazima ga Katonda, okunyweza ebyasuubizibwa eri bajjaja,	15:8 Now I say that Jesus Christ was a minister of the circumcision for the truth of God, to confirm the promises made unto the fathers:
15:9 era ab'amawanga balyoke bawenga Katonda ekitubwa olw'okusaasira; nga bwe kyawandiikibwa nti Kye`nnaavanga nkwatula mu b'amawanga, Era nnaayimbiranga erinnya lyo.	15:9 And that the Gentiles might glorify God for his mercy; as it is written, For this cause I will confess to thee among the Gentiles, and sing unto thy name.
15:10 Era nate syogera nti Musanyukenga, mmwe ab'amawanga, wamu n'abantu be.	15:10 And again he saith, Rejoice, ye Gentiles, with his people.
15:11 Era nate nti Mutenderezenga Mukama, mmwe ab'amawanga mwenna; Era ebika byonna bimumenderezenga.	15:11 And again, Praise the Lord, all ye Gentiles; and laud him, all ye people.
15:12 Era nate Isaaya ayogera nti Waliba ekikolo kya Yese, Era ayimirira okufuga ab'amawanga; Oyo ab'amawanga gwe balisuubira.	15:12 And again, Esaias saith, There shall be a root of Jesse, and he that shall rise to reign over the Gentiles; in him shall the Gentiles trust.
15:13 Era Kat:onda ow'okusuubirwa abajjuze mmwe essanyu lyonna n'emirembe olw'okukkiriza, mmwe musukkirirenga mu kusuubira, mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu.	15:13 Now the God of hope fill you with all joy and peace in believing, that ye may abound in hope, through the power of the Holy Ghost.
15:14 Era nange nze ntegeeredde ddala ebyammwe, baganda bange, nga nammwe mujjudde obulungi, mujjudde okutegeera kwonna, nga muyinza n'okubuuliriragana mwekka na mwekka.	15:14 And I myself also am persuaded of you, my brethren, that ye also are full of goodness, filled with all knowledge, able also to admonish one another.
15:15 Naye ne yongedde okuguma katono okul wandiikira, nga kubajjukiza na olw'ekisa kye nnaweebwa Katonda	15:15 Nevertheless, brethren, I have written the more boldly unto you in some sort, as putting you in mind, because of the grace that is given to me of God,
15:16 nze okubeeranga omuweereza wa Kristo Yesu eri ab'amawanga nga nkolera enjiri ya Katonda omulii gwa kabona, ssaddaaka y'ab'aa wanga eryoke esiimibwe ng'ekuzibwa Omwoyo Omutukuvu.	15:16 That I should be the minister of Jesus Christ to the Gentiles, ministering the gospel of God, that the offering up of the Gentiles might be acceptable, being sanctified by the Holy Ghost.
15:17 Kale okwenyumiriza ndi nak mu Kristo Yesu mu bya Katonda.	15:17 I have therefore whereof I may glory through Jesus Christ in those things which pertain to God.
15:18 Kubanga siryanijanga kwoga kigambo kyonna wabula Kristo bye yankozza, olw'okuwulira kw'ab'an wanga, mu kigambo ne mu kikulwa,	15:18 For I will not dare to speak of any of those things which Christ hath not wrought by me, to make the Gentiles obedient, by word and deed,
15:19 mu maanyi g'obubonero n'eby'amagero, mu maanyi g'Omwo Omutukuvu; bwe kityo okuva mu Yerusalemi n'okwetooloola okutuuka mu Iruliko, natuukiriza enjiri Kristo;	15:19 Through mighty signs and wonders, by the power of the Spirit of God; so that from Jerusalem, and round about unto Illyricum, I have fully preached the gospel of Christ.

15:20 naye nga njagala ekitiibwa kino okubuuliranga enjiri, awayatulibwa erinnya lya Kristo nmemenga okuzimba ku musingi gwa beene;	15:20 Yea, so have I strived to preach the gospel, not where Christ was named, lest I should build upon another man's foundation:
15:21 naye nga bwe kya wandiikibwa nti Baliraba abatabuulirwanga bigambo bye, Era abataawulira balitegeera.	15:21 But as it is written, To whom he was not spoken of, they shall see: and they that have not heard shall understand.
15:22 Era kyenaavanga nziyizibwa emirundi emingi okujja gye mu;	15:22 For which cause also I have been much hindered from coming to you.
15:23 naye kaakati, kubanga sikyalina bbanga mu nsi zino, era kuban, okuva mu myaka mingi nnali njagala okujja gye muli,	15:23 But now having no more place in these parts, and having a great desire these many years to come unto you;
15:24 we ndigendera mu Esupaniya (kubanga nsuubira okubalaba nga mpitay mmwe mumperekereko okuntuu eyo, bwe ndimala okubalabako n'okusanyukirako awamu nammwe);	15:24 Whensoever I take my journey into Spain, I will come to you: for I trust to see you in my journey, and to be brought on my way thitherward by you, if first I be somewhat filled with your company.
15:25 naye kaakati **enda e Yerusalemi, okuweereza abatukuvu.	15:25 But now I go unto Jerusalem to minister unto the saints.
15:26 Kubanga ab'e Makedoni n'ab Akaya baasiima okusoololeza ebint abaavu ab'omu batukuvu abali Yersaalemi.	15:26 For it hath pleased them of Macedonia and Achaia to make a certain contribution for the poor saints which are at Jerusalem.
15:27 Kubanga basiima; era nga bababanja. Kuba oba ng'ab'amawanga basseekimu n'ebyabwe eby'omwoyo, babanja okubaweereza nate eby'omubiri.	15:27 It hath pleased them verily; and their debtors they are. For if the Gentiles have been made partakers of their spiritual things, their duty is also to minister unto them in carnal things.
15:28 Kale bwe ndimala ekyo, bwe ndibakwasiza ddala ebibala ebyo ndivaayo, okuyita ewammwe okugenda e Sipeyini.	15:28 When therefore I have performed this, and have sealed to them this fruit, I will come by you into Spain.
15:29 Era mmanyi nga bwe ndijja gye muli adijja mu mukisa gwa Kristo nga gutuukiridde.	15:29 And I am sure that, when I come unto you, I shall come in the fulness of the blessing of the gospel of Christ.
15:30 Era mbeegayiridde, ab'oluganda, ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo, n'olw'okwagala kw'Omwoyo, okufubiranga awamu nange mu kunsabira Katonda;	15:30 Now I beseech you, brethren, for the Lord Jesus Christ's sake, and for the love of the Spirit, that ye strive together with me in your prayers to God for me;
15:31 ndyoke mpone mu abo abatawulira mu Buyudaaya, n'okuweereza kwange kwe ntwala e Yersaalemi kusiimibwe abatukuvu;	15:31 That I may be delivered from them that do not believe in Judaea; and that my service which I have for Jerusalem may be accepted of the saints;
15:32 ndyoke njije gye muli n'essanyu olw'okwagala kwa Katonda, mpummulire wamu nammwe.	15:32 That I may come unto you with joy by the will of God, and may with you be refreshed.
15:33 Era Katonda ow'emirembe abeerenga nammwe mwenna. Amiina.	15:33 Now the God of peace be with you all. Amen.

Abaruumi 16	Romans 16
16:1 Mbanjulira Foyibe mwannyinaffe, ye muweereza w'ekkanisa ey'omu Kenkereya:	16:1 I commend unto you Phebe our sister, which is a servant of the church which is at Cenchræa:
16:2 mulyoke mumwanirize mu Mukama waffe, nga bwe kigwanidde abatukuw, era mumuyambe mu kigambo kyonna ky'alyetaaga gye muli: kubanga naye yennyini yayamba bangi, era nange nzennyini.	16:2 That ye receive her in the Lord, as becometh saints, and that ye assist her in whatsoever business she hath need of you: for she hath been a succourer of many, and of myself also.
16:3 Mumulamuse Pulisika ne Akula abaakolera awamu nange mu Kristo Yesu,	16:3 Greet Priscilla and Aquila my helpers in Christ Jesus:
16:4 abaawaayo obulago bwabwe olw'obulamu bwange; be sseebaza nze nzekka, era naye n'ekkanisa zonna ez'ab'amawanga:	16:4 Who have for my life laid down their own necks: unto whom not only I give thanks, but also all the churches of the Gentiles.
16:5 era mulamuse ekkkanisa ey'omu nnyumba yaabwe. Mulamuse Epayineeto, gwe njagala, kye kibala eky'olubereberye eky'omu Asiya eri Kristo.	16:5 Likewise greet the church that is in their house. Salute my well-beloved Epaenetus, who is the firstfruits of Achaia unto Christ.
16:6 Mulamuse Malyamu, eyabakolera mmwe emirimu emingi.	16:6 Greet Mary, who bestowed much labour on us.
16:7 Mulamuse Anduloniiko ne Yuniya, ab'ekika kyange, era abaasibirwa awamu nange, ab'amaanyi mu batume, era abansooka okubeera mu Kristo.	16:7 Salute Andronicus and Junia, my kinsmen, and my fellow-prisoners, who are of note among the apostles, who also were in Christ before me.
16:8 Mulamuse Ampuliyaato, gwe njagala mu Mukama waffe.	16:8 Greet Amplias my beloved in the Lord.
16:9 Mulamuse Ulubano, akolera awamu naffe mu Kristo, ne Sutaku gwe njagala.	16:9 Salute Urbane, our helper in Christ, and Stachys my beloved.
16:10 Mulamuse Apere akkirizibwa mu Kristo. Mubalamuse ab'omu nnyumba ya Alisutobulo.	16:10 Salute Apelles approved in Christ. Salute them which are of Aristobulus' household.
16:11 Mulamuse Kerodiyoni, ow'ekika kyange. Mubalamuse ab'omu nnyumba ya Nalukiso, abali mu Mukama waffe.	16:11 Salute Herodion my kinsman. Greet them that be of the household of Narcissus, which are in the Lord.
16:12 Mulamuse Terufayina ne Terufoosa abaakola emirimu mu Mukama waffe. Mulamuse Perusi omwagalwa, eyakola emirimu emingi mu Mukama waffe.	16:12 Salute Tryphena and Tryphosa, who labour in the Lord. Salute the beloved Persis, which laboured much in the Lord.
16:13 Mulamuse Luufo, eyalondebwa mu Mukama waffe, ne nnyina, ye mmange.	16:13 Salute Rufus chosen in the Lord, and his mother and mine.
16:14 Mulamuse Asunkulito, Fulegoni, Kerume, Patuloba, Keruma, n'ab'oluganda abali awamu nabo.	16:14 Salute Asyncritus, Phlegon, Hermas, Patrobas, Hermes, and the brethren which are with them.

16:15 Mulamuse Firologo ne Yuliya, Nerewu ne mwannyina, ne Olumpa, n'abatukuvu bonna abali awamu nabo.	16:15 Salute Philologus, and Julia, Nereus, and his sister, and Olympas, and all the saints which are with them.
16:16 Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu. Ekkansa zonna eza Kristo zibalamusizza.	16:16 Salute one another with an holy kiss. The churches of Christ salute you.
16:17 Era mbeegayiridde, ab'oluganda, mutunuulirenga abo abaleeta eby'okwawukanya n'eby'okwesittaza, ebitali bya kuyigiriza kwe mwayiga: mubakubenga amabega abo.	16:17 Now I beseech you, brethren, mark them which cause divisions and offences contrary to the doctrine which ye have learned; and avoid them.
16:18 Kubanga abali**anga abo si baddu ba Mukama waffe Kristo, naye ba mbttto zaabwe bokka; era n'ebigambo ebirungi n'eby'okunyumya obulungi balimbalinga emitima gy'abo abatalina kabi.	16:18 For they that are such serve not our Lord Jesus Christ, but their own belly; and by good words and fair speeches deceive the hearts of the simple.
16:19 Kubanga okuwulira kwammwe kwabuna mu bonna. Kyenvudde mbasanyukira mmwe: naye njagala mmwe okubeeranga abagezi mu bulungi, era abasirusiru mu bubi.	16:19 For your obedience is come abroad unto all men. I am glad therefore on your behalf: but yet I would have you wise unto that which is good, and simple concerning evil.
16:20 Era Katonda ow'emirembe alibetenta Setaani wansi w'ebigere byammwe mangu. Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.	16:20 And the God of peace shall bruise Satan under your feet shortly. The grace of our Lord Jesus Christ be with you. Amen.
16:21 Timoseewo, akolera awamu nange, abalamusizza; ne Lukiyo ne Yasooni ne Sosipateri, ab'ekika kyange.	16:21 Timotheus my workfellow, and Lucius, and Jason, and Sosipater, my kinsmen, salute you.
16:22 Nze Terutiyo, awandiise ebbaluwa eno, mbalamusizza mu Mukama waffe.	16:22 I Tertius, who wrote this epistle, salute you in the Lord.
16:23 Gayo, ansuza nze n'ekkanisa yonna, abalamusizza. Erasuto, omuwanika w'ekibuga, abalamusizza, ne Kwaluto, ow'oluganda.	16:23 Gaius mine host, and of the whole church, saluteth you. Erastus the chamberlain of the city saluteth you, and Quartus a brother.
16:24 [24 Ekisa kya Mukama waffe Kristo Yesu Kibeerenga nammwe mwenna. Amiina.]	16:24 The grace of our Lord Jesus Christ be with you all. Amen.
16:25 Era oyo ayinza okubanyweza ng'enjiri yange n'okubuulirwa kwa Yesu Kristo bwe biri, ng'ekyama bwe kibikkuddwa ekyasirikirwa okuva mu biro eby'emirembe n'emirembe,	16:25 Now to him that is of power to stablish you according to my gospel, and the preaching of Jesus Christ, according to the revelation of the mystery, which was kept secret since the world began,
16:26 naye kaakati kirabise ne lutegeezebwa amawanga gonna mu byawandiikibwa bya bannabbi, nga bwe yalagira Katonda ataggwaawo, olw'okuwulira okuva mu kukkiriza;	16:26 But now is made manifest, and by the scriptures of the prophets, according to the commandment of the everlasting God, made known to all nations for the obedience of faith:

16:27 Katonda ow'amagezi omu yekka
aweewwenga ekitiibwa ku bwa Yesu Kristo
emirembe egitaggwaawo.

16:27 To God only wise, be glory through Jesus
Christ for ever. Amen.